# *ENZIGI MU LUGGI*

. . . wano ku makya ga leero. Nnabadde ndowooza ku kiseera lwe nnajja mu Flagstaff o—omulundi gwange ogwasooka. Ndowooza, waakayitawo, emyaka nga asatu mu munaana, oba nga ana. Nnabadde njogera ku kulinnya akasozi. Tewaaliyo muzira, naye kyali kizibu emmotoka yange ey'ekika kya Model-T okulinnya akasozi ako. Yali esobola kudduka misinde gya mayiro amakumi asatu buli ssaawa, naye nga mu ekyo obala mayiro kkumi na ttaano *amagenda* ne mayiro endala kkumi na ttaano *amadda*, nga bwe mumanyi, ku zimu ku nguudo ze twalina wano mu kiseera ekyo. Kale ddala kyali . . .

2 [Waliwo ow'oluganda ku kituuti agamba nti, "Lwaki totuwa kitontome kya Ford ekyo?"—Omuk.] Ow'oluganda Carl! ["Bambi."] Nedda. Alina ekitontome ky'aŋŋamba kye nnalina mu kiseera ekimu, ekikwata ku Ford yange. Kino si kifo kirungi wa kukiweera, Ow'oluganda Carl.

3 Kale, tusiimira ddala. Era nfunye obujulizi obulungi bungi nnyo enkya ya leero, nga mbuwulira okuva eri ab'oluganda bano, nnina abamu ku basajja bano be nnasisinkanye.

4 Era waabaddewo omuweereza ono eyaakava okwogera wano, ow'oluganda omuto Omusipaaniya eyawadde . . . omulenzi omuto akaagaanya ayimbe. Eryo teryabadde ddoboozi ddungi nnyo okuva mu mwana ow'emyaka omukaaga? Bannange, ly'eddoboozi ery'omwana omuto erikyasinze okuba eddungi lye nnali mpulidde, okuva mu kalenzi akato bwe katyo.

5 Kaakati, ow'oluganda ono, ab'oluganda ekyo baakyerabidde, naye alina olukuŋŋaana wano mu kibuga kyammwe. Ndowooza lwa kubeera mmanga eri mu kkanisa ya Church of God, oba mu ya Assemblies of God? [Ow'oluganda agamba nti, "Assemblies."] Assemblies of God, lwa kubeera mmanga mu kkanisa ya Assemblies of God. Era nkakasa nga bajja kusiima o—okubeerawo kwa—kwammwe. Olukuŋŋaana lwa kumala bbanga ki, ow'oluganda? ["Okutuusa ku Ssande."] Okutuusa ku Ssande. ["Ssande akawungeezi."] Okutuusa ku Ssande akawungeezi. ["Akawungeezi ka leero tugenda kubeera n'akawungeezi ak'okuyimba n'okusinza."] Wangi ssebo? ["Akawungeezi ka leero tujja kubeera n'akawungeezi ak'okuyimba n'okusinza."] Okuyimba n'okusinza. Kaakati mwenna mwanirizibwa n'essanyu okujja mu lukuŋŋaana luno. ["Ku ssaawa emu n'ekitundu."] Ku ssaawa emu n'ekitundu, olwa leero akawungeezi. Kaakati ekkanisa eri ludda wa, ow'oluganda? ["113 West Clay."] Osobola okutulagirira weeri? ["113 West Clay."] 113 ku luguudo lwa West Clay Street, wano

wennyini mu kibuga Flagstaff. Era—era nkakasa nga mujja ku. . .

6 Omulenzi omuto ali naawe? [Ow'oluganda addamu nti, "Nedda."—Omuk.] Nedda, kale kitaawe anaayimba. Oyimba, si bwe kiri? Kaakati, ekyo kirungi, ku mulundi guno, nkiteebye. Kale, ekyo tekisangikasangika; naye, emirundi egisinga, mu famire bwe mubaamu talanta, ndowooza, n'abalala abasigadde ba—bagifuna. N'olwekyo ba. . .["Byonna byatandikira mu kusiiba na kusaba, Ow'oluganda Branham."] Okusiiba n'okusaba, kaakati ekyo—ekyo kirungi nnyo ddala.

7 Kati, mukimanyi nti, ssinga Amerika, yonna yonna, famire zaffe zonna ez'Abamerika singa zaali bwe zityo, nkakasa, eggye lya poliisi yaffe lyonna lyandigobeddwa bugobwa. Okufuga okw'emyaka olukumi kwandibadde kutandika, si bwe kiri? Era awo twandibadde ku ddaala ery'okuntikko. Bwe kiri. Okufa kwonna kwandiweddewo, endwadde zonna, ennaku, okuyiibwa kwonna, era twandibadde na Kristo.

8 Kale, tuli basanyufu, era mpulira obujulizi buno bwonna obulungi! Era nnafunye n'omukisa okusisinkana Ow'oluganda Earl, omulundi gwange ogwasookedde ddala. Era—era jjo akawungeezi nnabadde njogera ne mukyala we, era—era ayitiddwangayo era n'awonyezebwa, emirundi egiwera, mu nkuŋŋaana; bw'atyo bwe yagamba, mu lukuŋŋaana lwe yasembayo okubeera ku kituuti.

9 Kale, kituleetera, okusekamu. Ow'oluganda Earl nnabadde simujjukira, wadde nga waliwo lwe nnamukwatako mu ngalo. Era—era nnabadde ntudde awo ku ddirisa, akawungeezi ka jjo, nga mmulinze ajje. Ne wajja omusajja omunene ow'ekiwago, nga alina amasulubu. Ne ŋŋamba nti, "Wuuno azze." Naye ate. . .Billy, mutabani wange, kwe kuŋŋamba nti, "Ha, nedda," n'aŋŋamba nti, "oyo si ye W'oluganda Earl. Ye muto nnyo ku oyo." Kale kati akawungeezi k'eggulo nnasobodde okusisinkana Mwannyinaffe Earl wano, ne nfuna n'omukisa okubeerako mu maka gaabwe amalungi wano mu kibuga.

10 Kino kifo kirungi. Bulijjo mbeera njagala kukiyita *flagpole* mu kifo kya Flagstaff, waggulu eri ku ntikko y'akasozi, mukiraba. Era, mbabuulira, wano bwe wabaawo omuntu yenna ava mu Texas, kati osobola okwenyumiriza. Nnavudde mu Tucson, olunaku lwa jjo, nga ebbugumu liri awo nga mu nsanvu mu bbiri oba nsanvu mu ttaano, awo bwe watyo, naye we ntuukidde wano ku makya ga leero mbadde nnyambadde kikabuuti. Mukiraba, kye balina mu Texas, tukirina mu Arizona, si bwe kiri? Bwe kiri. Tuli wano wennyini.

11 Era ekiseera kino eky'okussa ekimu. . .Muzeeyi Dokita Bosworth, mukwano gwange, bangi ku mmwe mwandiba nga Ow'oluganda Bosworth mwali mumumanyi. Yali omu ku basajja

abaali basingayo okuba abatukuvu. Era lumu yambuuza, nti, “Ow’oluganda Branham, omanyi *okussa ekimu* kye kitegeeza?”

Kko nze nti, “Ndowooza nkimanyi, Ow’oluganda Bosworth.”

12 Kko ye nti, “Kitegeeza abantu babiri mu kyombo kimu, n’olwekyo babeera balina okubaako bye bagabana buli omu ne munne.”

13 Kale ekyo okussa ekimu kye kitegeeza, tubaako ne kye tufuna ate ne tubaako ne kye tugaba, tugabana buli omu ne munne; n’Ow’oluganda Carl Williams, n’abalala bonna, Ow’oluganda Outlaw. O, omu ku bantu mu Arizona abaasooka okuteeka ssente mu nkuŋŋaana zange, yali Ow’oluganda Jimmy Outlaw, era tubadde baaluganda nfiirabulago, okuva mu kiseera ekyo. Era tubasanyukidde nnyo mwenna, abaweereza n’ab’oluganda be tusisinkanye wano. Sibeera na budde bumala kukwataganako mu ngalo na buli omu, nga bwe njagala, naye kubeera kussa kimu bwe tukuŋŋaana awamu.

14 Kinzijukiza o—olukuŋŋaana olunene olwali mu Phoenix. Mbaddenga n’omukisa, okuva amatabi ago lwe gaatandika, o—okugayambako okutegeka amatabi ago n’okugabuuliriramu. Era kye kibiina kyokka mwendi, ate si na kibiina kya ddiini. Wabula nkolagana ey’abantu abakolera awamu.

15 Era bwe wabaawo abamu ku mmwe abasajja abali wano enkya ya leero, a—abatali mu kussa kimu kuno, okw’Abasajja bano Abakristaayo Abasuubuzi, ab’Enjiri Enzijuvu, leka . . . bwe muba mukkiriza era nga munaatwala ekigambo kyange, ekyo ky’ekimu ku bibinja by’abantu ebisingayo obulungi. Kaakati—kaakati eri ab’oluganda abaweereza, tekirwanyisa kkanisa yo, kiriwo ku lwa kkanisa yo. Mukiraba, eyo y’engeri yaabwe ey’okubaako ne kye bateeka mu—mu kkanisa.

16 Mbadde mpisaayisa amaaso ne nnengera omukyala ono omwagalwa eyaakava okuyimba oluyimba olwo mu ddakiika ntono ezaakayita. Nduwulidde emirundi mingi nga bagezaako okuluyimba, naye omukyala oyo abadde n’eddoboozi erisobola okuluggyayo obulungi, nga bwe mumanyi, awatali, kubeera nga eddoboozi alireega nnyo. Lunnyumidde nnyo, nnyabo, lubadde lulungi nnyo, nnyo. Bagambye nti mukyala wa muweereza ali wano. Era, ow’oluganda, osaanye omusabe akuyimbirenga osobole okwebakanga buli kiro, kale ekyo kijja kuba kirungi nnyo, ddala. Kubadde kuyimba kulungi nnyo ddala. Nkwagadde.

17 Era, enkya ya leero, kunzijukiza e—emboozi emu entonotono. Gye, nja—njagala nnyo okuyigga n’okuloba ebyennyanja, era eyo y’emu ku nsonga lwaki ndi wano mu Arizona, nsobole, okugenda okuyigga n’okuloba ebyennyanja. Kale mbyagala nnyo. Kati lumu nnali ndoba ebyennyanja mu New Hampshire.

18 Era ndowooza nnina bannange bangi munda wano abanyumirwa okuloba ebyennyanja, abasajja, wamu n’abakazi, mukiraba. Fenna tukyagala.

19 Kati nnalina ka weema akatono ke nnayambuka nako waggulu, ddala eri, nga bwe mumanyi mmwe bannange, kabeera kazitowa oba ekintu bwe kityo, nga tosobola kwambukayo. Era waaliyo ebyennyanja bingi nnyo, eby'ekika ky'obuwuuta bw'omumigga emitono, n'obwa kitaka, ne bwe bayita square-tail, ne bwe bayita cutthroat. Ha, bibeera bijjudde, mu bugga obwo obukulukuta nga buva waggulu mu nsozi z'omu New Hamphshire. Era obuwuuta obuto, bubeera buweza yinci nga kkumi na nnya, oba kkumi na mukaaga obuwanvu, nga bungi nnyo! Kati na . . . Nnagendangayo ne mbukwata, nga nnyumirwa bunyumirwa, oluvannyuma ne mbuta ne bugenda. Bwe nnabangako ne ke nzita, ako nga—nga nkalya, mukiraba, nga nkajjayo.

20 Kati bwe nnali nkula nnalina omuddo gw'ennangaazi guno ogwali gukulira awo, era—era buli mulundi lwe nnakyusanga akaguwa kange . . . Nalina akasowera ka Royal Coachman akakolerere akakozesebwa okutega obwennyanja. Nnakakwatanga ne nkakasukayo, ne keezingirira ku kisaaganda ky'omuddo gw'ennangaazi. Mu nze ne ŋŋamba nti, "Kaakati, ŋŋenda kukwata ekiso nnyambuke waggulu eyo, enkya ya leero, nte—ntemewo omuddo gw'ennangaazi ogwo, akaguwa kange kaleme kuddamu kugulaaliramu." O, ne ntunula emabega eky'emmanga wa . . . nga walinga awali ebbibiro ly'obuwulula, era bwali omwo nga bulinze kasowera ako ka Coachman kubutuukako. Kati, ekiro kyonna . . . Nnagambanga nti, "nnina enviiri zange," naye kati sikyalina nviiri nnyingi kiri awo mwe busobola kuyingira. Kale nna . . . Nnamala ga . . . bw'abeeranga—bw'abitunuuliranga butunuulizi. Kati nnayambukayo, ku olwo ku makya, ne ŋŋenda n'ekiso kino ekikadde, ne ntemawo obuddo bw'ennangaazi buno. Era nnalinawo ebyennyanja nga bisatu oba bina, bye nnali ŋŋenda okufumba ndye eky'enkya, ndyoke nkomewo. Kati ssiri mufumbi mulungi kiri awo. Kye nnava ŋŋamba mukyala wange nti ssisobola yadde okufumba amazzi ne sisiriiza ntamu, ndowooza mukiraba nti mu by'okufumba nnali mubi nnyo.

21 Kati, mba nzirayo, waaliwo eddubu ekkazi n'obwana bwalyo bubiri, era gaali gayingidde mu ka weema kange. Kati yogera ku kutaagulataagula ekintu, tomanyi bintu bwe biyinza kutaagulwataagulwa okutuusa nga olese eddubu ne liyingira mu weema. Kye gakola, bye goonoona si ye . . . manyanga, bye galya si y'ensonga enkulu, wabula bye goonoona. Nnalinamu akasigiri, akasigiri kano abasumba b'endiga ke batambula nako, era gaabuukanga ne galinnya waggulu ku kasigiri kano ne gabuukabuuka, gawulire akadumu bwe kakubagana, konna ne kagoomagooma, nga bwe mumanyi. Kati bwe nnajja, munda omwo nnalinamu emmundu ey'ekika kya .22, naye nnali nkutte kabazzi kano.

22 Era, nga bwe mumanyi, bwe nnajja, eddubu ekkazi ne

lidduka ne lidda ku mabbali, ne liyita obwana bwalyo. Weewaawo, akamu ku bwo kaavaayo ne kagoberera maama waako; naye akalala kaasigala keetuulidde, ka bambi. Mu mwezi gw'Okutaano, gavaayo, nga bwe mumanyi. Kaali kankubye omugongo, bwe *katyo*. Muli ne nneebuuza nti, "Naye kakola ki?" Kati, kye kaava kakyuka ne kantunuulira. Kye nnava nnoonya omuti, nfune engeri—engeri gye nsobola okulaba kali kumpi kwenkana wa, kubanga gasobola okukukwagula, nga bwe mumanyi, nga okutte ku bwana bwago. Ate, nga, tosobola kubugoba ne bufulumayo, mukiraba. Kye nnava nneekaliriza amaaso eddubu ekkazi okumala akaseera, nga bwe mumanyi. Lyasigala likayita, nga bwe lireekaana, nga ekinyonyi. Olina okuba nga amaloboozi ago osobola okugaawula. Kale lyasigala liyita akaana kaalyo, naye akaana ne kagaana okujja.

23 Kati, kye nnava ndowooza ku mmundu yange. Mu nze ne ŋŋamba nti, "Nedda, singa nziruka ne nneefubitika munda ne nsikayo emmundu eyo, bwe nnaakuba eddubu ekkazi, lijja kulekawo obwana obuto bubiri bumulekwa mu kibira," ate nga nnali saagala kuba nti nze nkoze ekintu bwe kityo. Ate n'ekirala, okusinziira ku bwe lyali liswakidde, emmundu eyo eya abiri mu bbiri yandibadde ttono, nga bwe mumanyi. Ate nga n'emirundi egimu essasi terifuluma, obeera olina okuginasula emirundi nga esatu oba ena essasi okusobola okufuluma. Mu nze kye nnava ŋŋamba nti, "Naye, nja kuwalampa nneekweke mu muti guli wali, bwe linaayagala okunnumba wano wendi. Nja kuwalampa waggulu mu muti, mpaguleyo akatabi ndiswanyuule ku nnyindo." Ennyindo zaago zigonda nnyo. Era gawoloma buwolomi, ne gakka wansi, nga bwe mumanyi, ne gakwesonyiwa. Kati mu nze ne ŋŋamba nti, "Nja kulinnya omuti guli."

24 Naye nnasigala nneebuuza akalubu kali akato kye kaali kakola, ha, nga katudde awo bwe *kati*. Mu nze ne nneebuuza nti, "Kakola ki?" Kye nnava nsooba nga bwe ŋŋenda nneetooloola, nga bwe ndabiriza eddubu liri ekkazi, nga bwe mumanyi, nga bwe nneeyongera okuva we lyali, nga bwe nsemberera omuti, kubanga lyasigala liyita akaana ako. Ne nneeyongerako emabega, naye mumanyi akalubu ako akato kye kaali kakoze?

25 Kaakati, njagala nnyo embulugunya, oba kabalagala, nzikiriza bwe mutyo bwe mubuyita, wano. Erudda eri mu Bukiikaddyo, tubuyita mbulugunya. Siri mulungi nnyo mu kubukola, naye nkukakasa ndi mulungi nnyo mu kubulya. Kaakati, mumanyi, nga nnali Mubaputisiti. Kale ssaagala kubumansirako bumansizi; njagala nnyo ne mbubatiririza ddala, ne mbusiiga akaloddo bwonna ne bunnyikira. Kati nnalina omukebe gw'akaloddo, nga gwenkana nga *wano* obuwanvu, nga guli awo, gulimu akaloddo kawera nga kitundu kya ggalani ak'okusiiga ku mbulugunya zange.

26 Naye akalubu ako, weewaawo, nga bwe mumanyi, nti

amalubu gaagala nnyo ebiwoomerera. Kaali kasaanukudde omukebe ogwo ogw'akaloddo. Era kaali katudde awo n'akagere kaako akaali kenkana nga *awo* obugazi. Nga kagusitudde mu ngalo zaako, nga eno bwe kasonseka munda akagere, nga bwe kakakomba bwe *katyo,* nga bwe mumanyi. Ddala bwe kyali. Nga bwe kagira ne kakomba akalimi kaako ako. Ne ntanula oku. . .Nyabula ssinga nnalina kamera, ekyo nnandyagadde nkibalage enkya ya leero, mukirabe. Kaali awo, nga bwe kagira ne kasonseka munda akagere kaako, nga eno bwe kakakomba bwe *katyo*. Ne nkaboggolera nti, "Vvaawo awo," bwentyo. Naye tekanfaako yadde, kaagenda bugenzi mu maaso na kukomba bwe katyo. Ne kakomba akalobo ako okutuusa lwe kaakakaliza, mukiraba.

27 Ne nkaboggolera bwentyo, ne kakyuka ne kantunuulira bwe *katyo*. Nga tekakyasobola kuzibula maaso gaako, nga konna kasaabaanye akaloddo, nga bwe mumanyi. Amaaso gaako gonna, akabuto kaako, nga konna konna kasaabaanye akaloddo! Era kati, bwe waayitawo akaseera, ne katagala nga bwe kadda eno n'eri, ne kadduka ne kagenda eri nnyina waako. Ne gakeetooloola awo mu kasiko ne gatandika okukakomberera. Gaatya okutuula ku mukebe, naye gaasobola okukakomberera.

28 Kye nnava ŋŋamba nti, "Kiteekwa okuba nti n'olukuŋŋaana olulungi olw'enkola enkadde, olwa pentekoote bwe lutyo bwe lubeera; mw'ojjulira ebintu ebirungi, ebiwoomu, n'ovaawo n'ogenda, ne wabaawo omulala akukomberera. Olwo lwe lukuŋŋaana lwennyini olw'okussa ekimu. Kati tujja buzzi bwe tuti, ne tusonseka emikono gyaffe mu kalobo, k'emikisa gya Katonda, buli omu ku ffe, ne gituukira ddala mu nkokola. Era nkakasa nga ekyo mujja kukisangayo mu nkuŋŋaana ez'okudda obuggya ezitegekeddwa emmanga mu ba Assemblies of God, ezigenda mu maaso mu kaseera kano. Mukama abawe omukisa.

29 Luli bwe nnali mu Phoenix, nnina akantu ke nnayogera. . . Ka nsuubire nti tekaawulikika nga akavvoola, ke nnayogera nga emboozi esesa ekwata ku muweereza eyagendanga ku kituuti buli ku makya, okumala emyaka amakumi abiri, be ddu, n'abuulira okumala eddakiika abiri, n'amaliriza, ne babeeranga nga beebuuza lwaki kyalinga bwe kityo. Kale kati, lwali lumu ku makya, n'abuulira okumala essaawa nga nnya. Abadiikoni ne—ne bamuyita bamusisinkane, omu ne—n'amugamba nti, "Musumba, eky'amazima tukwagala nnyo." N'agamba nti, "Tu—tulowooza nga obubaka bwo bulungi nnyo." N'amugamba nti, "Tukimanyi, nga akakiiko k'abadiikoni, tuzze tukwekkaanya era nga tugoberera obudde bw'obuulirira, nga okozesa eddakiika amakumi abiri zennyini buli Ssande ku makya." N'agamba nti, "Naye ku makya ga leero wabuuliridde essaawa nnya nnambirira." N'agamba nti, "Kitulemye okutegeera."

30 N'abagamba nti, "Muleke mbabuulire, ab'oluganda."

N'agamba nti, "Buli ku makya, bwe ŋŋenda okubuulira," n'agamba nti, "bwe mumpita nzije ku kituuti, nzija ku kituuti ne mbaako akamu ku bu swiiti buno bwe banuuna bwe bayita Obutaasa Obulamu ke nteeka wansi w'olulimi lwange. Kati," n'agamba nti, "mu ddakiika abiri, ka swiiti ako ke bayita Akataasa Obulamu kaba kaggweredde," n'agamba nti, "Nange nga—nga—mmalirizza," n'agamba nti, "nga nkimanyi nti ky'ekiseera mmalirize." N'agamba nti, "Naye ensobi eyabaddewo ku makya ga leero, nnabadde na ppeesa lye nnabadde nnuuna."

31 Carl Williams, ne Jewel Rose, baganda bange ddala era mikwano gyange nfiirabulago, luli baagenda mu kibuga, ne bafunayo eppeesa eryenkana nga *awo* obunene, balimpe, kale, naye enkya ya leero siririna. Kale, tuli basanyufu okubeera wano.

32 Kati, wano waliwo omuntu yenna amanyi Dokita Lee Vayle? Ssirowooza nga. . . ndowooza tewali. Yali mubuulizi Mubaputisiti, alina ddiguli y'obwa Dokita mu by'Eddiini, era alina ddiguli ze. Yali musomesa wa siniya, okusooka, era musajja mulungi nnyo, muyivu. Era entambi zange ez'*Emirembe Omusanvu Egy'Ekkanisa*, nnazimusindikira, azitereeze ggulaama. Kubanga, enjogera yange ey'e Kentucky eya "hit, hain't, ne tote, carry, ne fetch," abantu abasoma ebitabo tebakolera, kale entambi ezo yali agenda kuzintereereza mu ggulaama omutuufu. Era, oluvannyuma, yazimaliriza, yazinsindikira ne nziyitemu emirundi egiwera, okusobola okubaako ebirala bye nnyongeramu. Nga, kati ekitabo ekyo kigenda kukubibwa mu kyapa, oluvannyuma lw'emyaka nga esatu oba ena.

33 Yambuuza, n'aŋŋamba nti, "Nsobola okubaako ekitabo kye mpandiika, nga kya bigambo byange?"

Ne mmugamba nti, "Weewaawo, ekyo tekirina buzibu, Ow'oluganda Lee." Mu nze ne ndowooza . . .

34 Kye yava aŋŋamba nti, "Ŋŋenda kubaako ne kye nkubuulira." N'agamba nti, "Tekijja kuba kya kutundibwa; kijja kuba kya kugabibwa bwereere."

Kko nze nti, "Kale, kati, ekyo nkakasa tekiriimu kabi konna." Mukiraba?

35 Kale kati baalina abeewaayo okukisasulira kifulumizibwe, abaali bawera nga abantu kkumi, nga ndowooza, kyamalawo ddoola lukumi mu bitaano, okusinziira nga bwe mmanyi, okusobola okufulumya ebitabo ebyo kkopi omutwalo gumu. Era kati twa—twabifunye, byonna byakaggwa okukubibwa mu kyapa ennaku entono ezaakayita, era jjo, twaggyeyo nga bibiri oba bisatu, Billy n'abireeta. Era bi—bigabibwa. Kati, sinnakisomamu, ssimanyi bye yayogera. Naye ndi . . . Kino nkyogera lwa kukkiriza. Naye nkakasa, bw'oba wandyagadde

okukifunako, osobola okutuwandiikira, kijja kukuweerezebwa, ku bwereere. Mukiraba? Era kiyitibwa *Nnabbi Ow'Ekyasa Eky'Amakumi Abiri.*

36 Era nnalabye mu kifaananyi kino wano, ekiri mu maaso wano ekitabo we kitandikira, bangi ku mmwe ekifaananyi kino mukirina, weewaawo, era mwali mukirabyeko, ky'ekifaananyi Malayika wa Mukama we yakubibwa ekifaananyi mu Houston, Texas, naye waliwo ekitundu ku Kyo kye baasalako.

37 Era nnalabye n'emabega wano. Kati bameka abali wano abaali babaddeko mu lumu ku nkuŋŋaana, leka tubalabe? Ndowooza kyenkana mwenna mwali muzibaddemu. Mumpulira nga njogera, emirundi mingi nti, "Ekisiikirize ekyo kirengejjera ku muntu." Kaakati, mulabeeyo, bw'obaako ekigambo ky'oyogera, naye nga si ge mazima, Katonda tajja kuba na kakwate konna nakyo. Mukimanyi nti Katonda takolagana na bulimba, naye Anyweza ekyo kyokka ekituufu.

38 N'olwekyo bwe Yagamba Musa, bwe Yamusisinkana emabega eri mu ddungu, mu Mpagi y'Omuliro, eri mu kisaka ekyo ekyali kyaka omuliro, kati bwe Yafulumya abantu abo n'abaggyayo, n'abo abaali baagoberera Musa, ne beetaba mu lugendo, Yakka wansi ku Lusozi Sinaayi, Empagi y'Omuliro eyo y'emu, n'ekakasa nti Musa bye yayogera ge gaali amazima.

39 Kaakati, ekyo Katonda ajja kukikola. Ekyo bulijjo Akikola. N'olwekyo Ekitangaala kino *wano,* weewaawo, tukikwanaganya ne Katonda, kubanga Kirina obutonde bwe bumu na buli kimu kyonna kye Yakola bwe Yali wano ku nsi.

40 Kaakati ku kifaananyi ekyo, wawandiikiddwawo ebigambo ebigamba nti, "Omuntu ono wano, ndaba nga oliko ekisiikirize eky'okufa, ekisiikirize eky'ekizikiza." Bameka, ebigambo ebyo bangi ku mmwe mwali mubiwuliddeko nga byogerwa! Kati, jjuuzi wano mu lukuŋŋaana, waliwo omuntu eyali ayagala okumanya, nga ayagala alabe oba asobola okukuba ekifaananyi ky'ekyo, bwe kyayogerwa. Bw'atyo n'a . . . Waaliwo omukyala eyali atudde okumpi awo, era omusajja ono yalina kamera. Ne ŋŋamba nti, "Omukyala ono atudde wano, ye Muky. *Gundi*," ne njogera erinnya lye. Ne ŋŋamba nti, "Aliko ekisiikirize ky'okufa, naye alina kookolo." Era mu kaseera ako kennyini omusajja n'akuba ekifaananyi, kubanga yali kumpi awo. Era ekifaananyi kigenda okufulumizibwa nga ekisiikirize ekyo weekiri, mukiraba, ekisiikirize ekyo ekiddugavu, ekya kookolo nga kiri waggulu ku mukazi. Era Omwoyo Omutukuvu n'addamu n'ayogera . . .

41 Kaakati, ekifaananyi kino bwe baakiteeka mu kitabo, baakifulumya bakisazeeko, kale ku mulundi guno mu kitabo baateekamu kino kyokka okutuusa lwe baliddamu okufulumya ekitabo ekyo. Era eyo y'ensonga lwaki mujja kulaba olupapula olwo olwereeere oluli munda omwo. Ndowooza abafulumya

magaziini y'*Eddoboozi Ery'Okuwonyezebwa* be baakikuba mu kyapa.

42 Era kati kya bwereere si kya kugula wadde ennusu. N'abaakisasulidde kisobole okukubibwa mu kyapa mwebali baawandiikiddwamu munda wano ekitabo gye kisemba, abaawaayo ddoola lukumi mu bitaano, kisobole okufulumizibwa kiweebwe abantu, abantu bakisome. Kale, kya bwereere, era kitabo kirungi. Naye ssimanyi bikirimu, ssikisomangako; ekyo Kitaffe akimanyi.

43 Naye mulaba, Gaali, nze gyendi, Ge Mazima ag'enkomeredde. Ekyo kye tunoonya, ge Mazima. Yesu yagamba nti, "Mulimanya Amazima, n'Amazima galibafuula ab'eddembe." Era Ye Mazima ago. Ye ye, Yesu, Omwana wa Katonda, ye Mazima g'Ekigambo, kubanga Ye yali Ekigambo nga kyambadde omubiri. "Ku lubereberye waaliwo Kigambo, Kigambo n'aba awali Katonda, Kigambo n'aba Katonda. Kigambo n'afuuka omuntu n'abeerako gye tuli." Era, ekyo kyamufuula Amazima, kubanga Ekigambo ge Mazima, era Ye yali Amazima.

44 Kaakati bwe tumulaba nga Akomyewo mu nnaku zino ez'oluvannyuma, mu kukola kwa Katonda kuno okw'ekitalo, nga atambula mu mawanga g'ensi, nga akuŋŋaanya abantu okuba Omugole, ago Mazima.

45 Emyaka egiyise, baagambanga mbu, "Eby'okwogera mu nnimi tebiriiyo. Ebyo bya butaliimu." Katonda yakisuubiza, era n'Akikakasa okuba nti Mazima. Bwe kiri.

46 Waliwo eyagambye, ku makya ga leero, ndowooza yabadde mwannyinaffe omwagalwa oyo awo ayamba ennyo ku baana ku by'okubatizibwa kwabwe, yagambye nti, "Osobola okuwulira omuntu ayogera mu nnimi. Naye, okuwulira omuntu nga ayimba mu nnimi, mukiraba, ekyo kyabadde kiyitirivu nnyo."

47 Nzijukira omulundi gwange ogwasookera ddala okugenda mu Rediger Tabernacle mu Fort Wayne, mu Indiana. Era nnali mbuulira, nga nnina olukuŋŋaana olw'okusabira abalwadde, oluvannyuma lw'okufa kwa—kw'Ow'oluganda B. E. Rediger. Era Ow'oluganda Bosworth yali yagendayo, ne Pawulo Rader. Era bangi ku mmwe abasajja abakulu, nga nze, Pawulo Rader mumujjukira; era yali Mubaputisiti, fembi twali babaputisiti, kale twali ba mikwano ddala. Kati mba ndi awo mbuulira, nnali ŋŋenda kusabira balwadde. Mu kiseera ekyo kyali kintu ekyewuunyisa gye bali. Naye waaliwo omukyala eyaleeta omulenzi omuto, eyali yagongobala, era, bwe yali ajja ku kituuti, ne walabika okwolesebwa kwa Mukama ne kumutegeeza obuzibu bwonna omulenzi bwe yalina. Kye nnava nsaba omuwala a—ankwase omulenzi omuto.

48 Kati okwongereza ku bujulizi bwa mwannyinaffe, musobole okulaba essanyu ne—n'ekisa kya Katonda nga bwe

kyewuunyisiza ddala, kye kisobola okukola, bwe kikolebwa okusinziira ku Kigambo kya Katonda, mukiraba, ekisuubizo kya Katonda eky'ekiseera ekyo.

49 Kati, ekisuubizo kya Katonda eri Nuuwa olwa leero tekijja kutukolera. Ekisuubizo kya Katonda eri—eri Musa, tetuyinza kutwala Bubaka bwa Musa. Musa yali tayinza kutwala bubaka bwa Nuuwa. Tulina Obubaka obw'ekiseera kino. Tetuyinza kutwala bubaka bwa Luther. Tetuyinza kutwala bubaka bwa Wesley. Kino kiseera kirala. Buli mulembe Katonda alina Ekigambo Kye kye yagugerekera. Era omulembe ogwo bwe gutuuka, Abaako omuntu gw'atuma okukakasa Ekigambo ekyo, okukakasa nti kituufu. Era kati tulaba mu buli gumu ku mirembe egyo, ekyo kyennyini ddala nga Yesu kye yagamba bwe Yali ku nsi, bwe Yagamba nti, "Muzimba entaana za bannabbi, ate nga bakitammwe be baabassaamu."

50 Kati, abantu bange Bakatuliki, nga bwe mumanyi, nga bwe ndi Mw'ayiriisi. Kati tu. . .Kati ba—boogera ku Mutukuvu Patrick, Abakatuliki bagamba mbu yali mukatuliki. Kati, weewaawo yali Mukatuliki nga nange bwendi omukatuliki. Boogera ku Joan ow'e Arc. Omuwala oyo baamwokera ku nkondo, nga bamulanga okubeera omulogo, ekyo ffenna tukimanyi, kubanga yali wa mwoyo era nga alaba okwolesebwa. Weewaawo, bwe waayitawo emyaka nga ebikumi bibiri, emirambo gya bafaaza abo baagisimayo, ne bakola penetensiya, ne bagisuula mu mugga. Naye ekyo si kye kyetaagisa, mukiraba.

51 Lubeerera bakisubwa. Omuntu lubeerera atendereza Katonda olw'ebyo bye Yakola, n'alindirira ebyo by'Anaakola, naye ate n'abuusa amaaso ebyo by'Akola mu kiseera ekyo kyennyini. Obwo bwe butonde bw'omuntu. Era takyusanga butonde bwe, omuntu ow'ensi.

52 N'olwekyo tukiraba nti Obubaka bwaffe, olwa leero, Obubaka bwe tulina, obugamba nti, "Mufulume Babulooni, era mubeere ba ddembe, era—era mujjuzibwe Omwoyo, era muzigule ettabaaza zammwe zaake bulungi, era, mutunule waggulu, obununuzi bwaffe busembedde," ebintu bino abantu bangi abaatula era abakozesa Erinnya lya Mukama waffe omwagalwa tebabimanyiiko yadde.

53 Naye ate nga mu makkati g'ebyo byonna, tetulina nsonga yonna ku bantu abo, abantu abo ab'ebibiina by'amadiini. Balungi, tebalina buzibu. Ba—bantu be tukolagana nabo mu Njiri, kubanga Yesu yagamba nti, "Tewali muntu ayinza kujja gye Ndi okuggyako nga Kitange y'amuwaludde. Era—era abo bonna Kitange be yampa, bajja kujja."

54 N'olwekyo, obuvunaanyizibwa bwaffe buli bumu bwokka bwa kusiga Nsigo. Ezimu zaagwa ku mabbali ga kkubo, ezimu ku ttaka ery'enjawulo, ezimu zaagwa ne zibala ebibala kikumi. N'olwekyo, ffe tuli basizi ba Nsigo kye kyokka. Katonda

y'Alagirira Ensigo eyo bw'eba Egwa. Era kati tusaba nti ob'olyawo, enkya ya leero, wanaabaawo Akasigo akabaako awantu awamu we kagwa, akayinza okubaako ne gwe kazzaamu amaanyi. Era nga o—o—omuntu . . .

55 Okumaliriza obujulizi bwange obukwata ku mukyala gwe mbadde ŋŋenda okwogerako. Omukyala ono yaleeta omwana ono omuto, omulenzi omuto, ndowooza, yali awo mu myaka nga kkumi, oba kkumi n'ebiri, ob'olyawo nga n'okugiweza tagiweza, kubanga omukazi ono yali amusitudde busituzi. Bw'atyo n'amunkwasa. Era mu kaseera ako, bwe nnali nsabira omwana oyo, n'annesimatulako n'akka wansi n'adduka nga bw'adda eno n'eri ku kituuti, mu maaso g'abantu nga enkumi ssatu mu bitaano oba enkumi nnya. Era ekyo bwe baakiraba, ky'ekintu kye baasooka okulaba, nnyina w'omwana, mu katebe mwe yali atudde akaali mu maaso, yagwa bugwi eri n'azirika. Ate omuwala omuto Omwamisi . . .

56 Ab'enzikiriza y'Abamisi mubamanyi? Simanyi oba erudda eno gyebali, babeera n'enviiri nga mpanvu, bantu balungi nnyo, era bayonjo ddala era bantu abeeyisa obulungi. Omanyi, mu bantu b'enzikiriza z'Abamenonayiti bonna, manyanga Abaamisi, n'abalala, tetubeerangako na musango gwonna gwa kusiiwuuka kwa mpisa mu baana abato. Osobola okubayita abatategeerekeka bw'oba oyagala, naye waliwo—wliwo ekibulawo mu maka gaffe, bo kye balina. Tebalinaayo musango gwonna mu mbuga z'amateeka, gwa—gwa mwana muto yazza musango mu makkati gaabwe. Abaana baabwe babakuza, mu kkubo limu lyokka, era eryo ly'ekkubo mwe bakulira.

57 Era omukyala ono omuto yali mukubi wa nnanga omututumufu, nga mukazi muto alabika obulungi, alina enviiri empanvu, nga za kitaka nga azisibidde emabega. Kaakati bwe yatunula ku . . . Kati, yali Mwamisi, yali talina n'ekimu ky'amanyi ku Bupentekoote, nga nange ssibumanyi. Naye bwe yatunula ku kituuti, n'alaba omulenzi oyo omuto nga atambula, bw'adda eno n'eri, yayimusa emikono gye mu bbanga.

58 Kati nki—nkimanyi waliwo obuzoole, era leka nsuubire nti nange ssiri muzoole. Si—ssiri mulimba. Era si—siri, bwe mba ndi mukyamu, si—sigenderera kubeera mukyamu, naye ndi mukyamu mu butamanya.

59 Naye omuwala oyo yayimusa emikono gye mu bbanga, enviiri ezo ne zimugwa ku bibegabega bye, n'atandika okuyimba mu lulimi olutamanyiddwa. Era yali akuba luyimba olwo olugamba nti, "Omusawo Omukulu kaakano ali kumpi, oyo Yesu omusaasizi." Era bwe yabuuka n'ava ku . . . Kati kino nkimanyi kiwulikika nga ekitali kya bulijjo n'akatono. Naye omuwala ono teyalina n'ekimu ky'amanyi ku bya kwogera mu nnimi, naye yali ayimbira mu lulimi olutamanyiddwa nga ayimba nti, "Omusawo Omukulu kaakano ali kumpi, oyo Yesu omusaasizi." Era ennanga

eyo yagenda mu maaso nga yeekuba nga ekuba oluyimba olwo, "Omusawo Omukulu kaakano ali kumpi, oyo Yesu omusaasizi." Era, abantu bajjula ku wolutaali awo wonna, ne ku mwaliiro ogwa waggulu, ne wansi ku ttaka, nga bwe baleekaana! Nga omuwala oyo ayimiridde awo, nga atunudde waggulu *bw'ati,* nga bw'ayogera mu nnimi endala; nga, ennanga, amapeesa ago agaakolebwa mu masanga g'enjovu bwe gagenda mu maaso n'okwekuba:

Omusawo omukulu kaakano ali kumpi,
Yesu omusaasizi,
Ayogera okuzzaamu amaanyi emitima eginafuye,
Teriiyo Linnya ddala lyonna okuggyako Yesu.

60 O! Ki. . . "Eriiso bye litalabangako, n'okutu bye kutawulirangako, ebyo by'ebituterekeddwa." Mumanyi kye ndowooza? Nga lwaki tu—nga lwaki tukkiriza ekintu ekirala ekiwaanyisiddwa mu kifo kya kiri ekya nnamaddala oba ekintu ekirala eky'okugeegeenya obugeegeenya, nga eggulu lijjudde ekya nnamaddala, Amaanyi ga Katonda gennyini, agasobola okusumulula emmeeme n'eba ya ddembe, agasobola okubaako ne kye gatukolera? Katonda abawe omukisa. Kati, waliwo ebintu bingi nnyo.

61 Ssibabuulidde we munaggya kitabo kino, mulabeeyo. Akasanduuko ka Posita nnamba 325, e Jeffersonville. Era bw'onaawandiika, kale, bajja kukikusindikira. Oba, ekirala, gendako mu lumu ku nkuŋŋaana, bajja kuba babigaba.

62 Kaakati, nsiima nnyo olw'ekiseera kino ekirungi eky'okussa ekimu. Era ku makya ga leero mbadde ndowooza ku mboozi entonotono gye nnateranga okwogerako eri Abasajja Abasuubuzi Abakristaayo, ekwata ku Zaakayo. Bangi ku mmwe mwali mumpulidde nga nginyumya, engeri musajja wattu ono gye yali takkiririza mu kutegeera bintu ebikisiddwa, ne, Mukama waffe kwe yalina. Weewaawo, nzikiriza, nga bwe tulina mu buli mulembe, olaba ekintu ekya nnamaddala, n'olaba n'ebikigeegeenya obugeegeenya. Era ekyo tulina kukigumira bugumizi. Naye abantu abanywevu, abeekaliriza obulungi, era abagoberera Ebyawandiikibwa, ekyo bakitegeera. Nga, ffe, si nsonga. . .

63 Muky. Aimee Semple McPherson, bwe yali wano ku nsi, mu buweereza bwe, bagamba nti kyenkana buli mukazi omubuulizi yayambalanga ebiwaawaatiro ebyo, ebiringa, bwe mumanyi, manya yayambalanga amaganduula bwe gatyo, n'akwata ne Bayibuli.

64 Ggwe tunuulira ba Billy Graham abali mu ggwanga olwa leero. Naye, omanyi, Billy Graham yali tasobola kutwala kifo kyo. Ssisobola kutwala kifo kya Billy Graham, naye tasobola kutwala kyange. Ssisobola kutwala kifo kyo, naawe tosobola

kutwala kyange. Oli muntu eyeetongodde, mu Katonda. Katonda yakukola nga bw'oli, olw'ekigendererwa. Nyabula singa tuzuula ebifo byaffe, ne tubinywereramu. Bwe tugezaako okubaako ekintu kye tukola ekyawukana ku ekyo, awo, mukiraba, tubeera—tubeera mu ttwale lya muntu mulala, nga mu ekyo tubeera tuttattana ekifaananyi kya Katonda.

65 Bwe tutwala eky'okulabirako kya Billy Graham ku ludda lw'ebibiina by'amadiini leero, nga alinga, bwe tuba ba kukigeraageranya n'omuzannyo gw'omupiira, y'alina omupiira.

66 Kati muzanyi munno bw'ogezaako okumuggyako omupiira, obeera oyonoona bwonoonyi ttiimu yo. Kuuma muzannyi munno, okiraba. Sigala nga omukuuma, ne bazannyi banno abalala bonna bakuume asobole okuteeba akagoba. Era mu kaseera katono tujja kuteeba, era Yesu ajja kujja, olwo byonna bibeere nga biwedde. Mukama abawe omukisa.

67 Kaakati ŋŋenda kubaako ne bye njogera ku musajja ono, Zaakayo. Era kati nnamwogerako nga ndaga nti ali waggulu mu muti guno, nga bwe mumanyi, nga yenna ebikoola bimubisse. Ate oluvannyuma bwe yakka wansi okuva mu muti, n'agenda eka ne Yesu. Ne ŋŋamba nti, "Yafuuka mmemba mu limu ku matabi g'Abasajja Abasuubuzi abakkiririza mu Njiri Enzijuvu." Kale bwe wabaawo Zaakayo yenna wano, enkya ya leero, nsuubira nga onaatwala amagezi ago amalungi n'ofuuka mmemba w'Abasajja Abasuubuzi abakkiririza mu Njiri Enzijuvu.

Oyinza okugamba nti, "Enjiri Enzijuvu?" Yee, ssebo.

68 Ekyo ky'ekintu kyokka Yesu mwe yandibuuliridde, kyandibadde mu Njiri enzijuvu. Ekyo bwe kiri. Si bwe kiri? Mazima ddala, kubanga Ye yali Enjiri enzijuvu. Bwe kiri. Yali tayinza kwegaana ky'Ali.

69 Naye kati nninawo wano Ebyawandiikibwa ebitonotono bye nnawandiise, eby'ekitundu ky'ebyawandiikibwa ekitonotono, ekya bulijjo, kigenda kuntwalira eddakiika ntono nnyo, bwe muba nga musobola okuŋŋumiikirizaako. Era nga kino tetunnakikola. . . Kati, mu kussa ekimu kwaffe okutonotono okw'okugezaako okukwatagana, n'okwogera ku bukono bw'eddubu, nga buli mu kalobo, n'ebirala, kaakati bino byonna leka tubiteeke ku bbali, tulowooze kimu nti fenna buli omu agenda amanya munne. Era, era kati twagala tuyingire mu kitundu ky'Ekigambo eky'obuziba.

70 Kaakano leka tukoteke emitwe gyaffe, nga bwe tuyingira mu Kigambo. Kubanga, tetukkirizibwa kuyingira mu Kigambo, nga tetusoose kwogera eri Nnyini kyo, okusooka.

71 Nga tukotese emitwe gyaffe, n'amaaso gaffe nga tugazibirizza, era nzikiriza nti emitima gyaffe nagyo gikotekeddwa wamu n'emitwe gyaffe. Simanyi, oba nga bwe nnyimusa amaaso gange okutunula mu kibiina, oba nga waliwo omuntu yenna wano, nga bw'ayimusa emikono gye agamba

nti, "Ow'oluganda, omuweereza, nzijukira mu kusaba. Nni—nnina ekyetaago leero"? Katonda akuwe omukisa. Katonda akuwe omukisa. Kati omukono gwo Agulaba. Amanyi ekiri wansi w'omukono gwo, mu mutima gwo. Nsaba akikkirize, kwe kusaba kwange.

72 Ayi Katonda omwagalwa, nga tukwebaza olw'ekizimbe kino, ffe abaana Bo abawombeefu, mwe tusobola okukuŋŋaanira awamu, ne twogera ne tuba n'okussa ekimu, ne tuba n'eddembe okubeera ekyo kyennyini kye tuli, nga bwe twewaayo eri Kristo, n'okuyaayaana okweyongera okumufaanana. Tulina ab'oluganda abaweereza abatudde okumpi wano, ayi Mukama, abasajja abalina obusobozi obsungira ddala obw'okuyimirira wano okuleeta Ekigambo kino okusinga nze, omuweereza Wo atasaanidde, naye akakisa kagudde ku nze. Era, ayi Kitaffe, nkusaba, olwa leero, nti ssinga mbaako ekintu kyonna kye njogera ekitali ekyo Katonda ky'ayagala kikolebwe, nti, nga ssinnakyogera, Ozibe akamwa kange; nga lumu, bwe Waziba obumwa bw'empologoma, zireme okuteganya Danyeri.

73 Ayi Kitaffe, kaakano tukusaba Ojjukire buli omu yenna, buli muweereza. N'okudda obuggya kuno okugenda mu maaso wano mu kibuga, ayi Mukama, emmanga eri mu ba Assemblies of God, nkusaba, ayi Katonda omwagalwa, Osindike okudda obuggya okw'amaanyi emmanga eyo ekibuga kino kyonna kisobole okusiikuulwa n'Amaanyi ga Katonda, amabbaala gano gonna n'abaana ababungeetera ku luguudo baleetebwe awali Entebe ya Katonda ey'obwakabaka, era bajjuzibwe obulungi Bwe wamu n'Omwoyo We. Kikkirize, ayi Kitaffe ow'omu Ggulu.

74 Era tusaba olwa leero nti, bwe wabaawo omusajja yenna oba omukazi, omulenzi oba omuwala, eyaleeteddwa mu lukuŋŋaana luno enkya ya leero, wansi w'ekifo kino eky'okwekwekamu omuzira, nti Omwoyo Omutukuvu ow'ekitalo akyalire omutima gwe era ayogere naye, mu ngeri eyeewuunyisa. Ob'olyawo abamu babadde baawaba, nga baali baakusembezaako Ggwe, ayi Mukama, naye nga kati baakuvaako; bakomyewo, enkya ya leero, ayi Mukama.

75 Era tusabira ettabi lino, tusabira Ow'oluganda Earl ne mukyala we, n'abalala bonna. Kituwe, ayi Mukama.

76 Kaakano tumenyeremenyere Omugaati gw'Obulamu, nga bwe tubikkula emiko gy'Ekigambo, kubanga tukimanyi nti Bayibuli tewali muntu yenna alina kugiwa nzivuunula yiye ku bubwe. Naye, Katonda tatwetaaga kuvvuunula Kigambo Kye, Ye yevvuunulira Ebibye. Lumu Yagamba nti, "Leka wabeewo omusana," era ne wabaawo omusana. Yagamba nti, "Embeerera eriba olubuto," era n'eba olubuto. "Era mu nnaku ez'oluvannyuma Ndifuka Omwoyo Wange ku bonna abalina omubiri," ensi ne bwe yayogera ebyenkana wa, Yakikola. Teyeetaaga muvvuunuzi. Ye Yevvuunulira Ebigambo Bye, nga

abifuula ebiramu era nga abikakasa nti kye Byogera kituukirira. Jangu mu mitima gyaffe, ayi Mukama Yesu, otuvvuunulire, olwa leero, ebintu bye twetaaga. Tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

77 Kaakati, mu Bayibuli, bwe muba musobola okubikkula. Nzikiriza ssibangako na bubaka bwonna bwe nnali ngezezzaako kutandika kubuulirako, nga ssisoose kusoma Kigambo. Kubanga, ekigambo kyange kijja kulemwa, ndi muntu. Naye Ekigambo Kye tekisobola kulemwa, Ye ye Katonda. Kale kaakati leka tubikkule olw'ekitundu ky'ebyawandiikibwa ekitonotono, era tujja kuba tufuluma mu ddakiika nga amakumi asatu zokka, oba ana, Mukama nga ayagadde.

78 Kaakati mu kitabo ky'Okubikkulirwa, twagala tubikkule mu ssuula ey'o 3 ey'Okubikkulirwa, okutandikira ku lunyiriri olw'e 14. Era twagala tusomeko ekitundu, Bubaka eri Omulembe gw'Ekkanisa ya Lawodiikiya. Era nzikiriza, era ndo—ndowooza nti n'abantu bonna abajjuzibwa Omwoyo n'abasomi ba Bayibuli, basobola okugamba nti *amiina* eri ekyo, nti tuli mu Mulembe gw'Ekkanisa ya Lawodiikiya, kubanga ogwo gwe mulembe ogusembayo. Muwulire Obubaka obw'embeera ekkanisa mw'eri mu kiseera kino.

> *Era* eri *malayika ow'ekkanisa ey'omu*. . .Lawodikiya *wandiika nti; Bw'ati bw'ayogera oyo Amiina, omujulirwa omwesigwa era ow'amazima, olubereberye lw'okutonda kwa Katonda nti;*
>
> *Mmanyi ebikolwa byo,. . .tonnyogoga so tobuguma: waakiri obe nga onnyogoga oba obuguma.*
>
> *Bwe kityo kubanga olina ekibuguumirize, so tonnyogoga so tobuguma, ndikusesema mu kamwa kange.*
>
> *Kubanga oyogera nti ndi mugagga, era ngaggawadde, so ssiriiko kye nneetaaga; so tomanyi nga oli munaku ggwe,. . .asaasirwa. . .omwavu. . .omuzibe w'amaaso, era ali obwereeere:*
>
> *nkuweerera amagezi okugula gye ndi ezzaabu eyalongoosebwa mu. . .muliro, olyoke ogaggawale; n'engoye enjeru, olyoke oyambale, era ensonyi ez'obwereeere bwo zireme okulabika; n'eddagala ery'okusiiga ku maaso go, olyoke olabe.*
>
> *Nze bonna be njagala, mbanenya era mbabuulirira: kale nyiikira weenenye.*
>
> *Laba, nnyimiridde ku luggi, nneeyanjula: omuntu yenna bw'awulira eddoboozi lyange, n'aggulawo oluggi, nnaayingira gy'ali, era nnaaliira wamu naye, naye Nange.*

*Awangula ndimuwa okutuula awamu nange mu ntebe yange ey'obwakabaka, era nga nange bwe* nnawangula, *ne ntuula wamu ne Kitange mu ntebe ye ey'obwakabaka.*

*Alina okutu, awulire Omwoyo ky'agamba ekkanisa.*

79 Mukama awe omukisa okusomebwa kw'Ekigambo kino. Kaakati okumala eddakiika entonotono, njagala nkozese omutwe gw'eky'okuyigako, ogugamba nti, *Enzigi Mu Luggi. Enzigi Mu Luggi.* Kati kino kya . . . *Enzigi Mu Luggi,* biri ebigambo bisatu. *Enzigi Mu Luggi.*

80 Oyinza okuŋŋamba nti, "Ow'oluganda, wano wandiba nga waliwo abantu nga kikumi. Ggwe, ogwo tolowooza nga gubeera mutwe gwa kyakuyigako mutono, nga olina emmeeme z'abantu kikumi abali mu maaso go?"

81 Kaakati, ekyo, ekyo, kiyinza okuba ekituufu, omutwe gw'e—gw'eky'okuyigako mutono. Naye obunene oba obutono bw'omutwe gw'eky'okuyigako, si—si ky'ekikulu, wabula ekyo kye guli. Omutwe gw'eky'okuyigako ekyo kye—kye gugamba, ky'ekikulu.

82 Okugeza, nzikiriza kyali mu Louisville, Kentucky, edda, waaliwo o—omulenzi omuto eyali waggulu mu kasolya, nga yeefulukuta mu bibookisi ebikadde ebyali waggulu eyo mu siiringi, n'abaako sitampu emu enkadde ekozesebwa mu kitongole ky'amabaluwa gye yagwaako. Kati, kye yasooka okulowoozaako mu mutima gwe, kyali nti yali asobola okwefunirayo kooni ya ayisi kuliimu okuva mu sitampu eyo. Eky'emmanga ku luguudo waaliwo eyali akuŋŋaanya amabaluwa, bw'atyo n'afubutuka ne yessa mu ddene, nga bw'adduka okubula okwekutula. N'amubuuza nti, "Onampa ki mu sitampu eno?"

83 Eyali agula sitampu kwe kugyetegereza, nga esiiwuuse. N'amugamba nti, "Nja kukuwaamu ddoola emu."

84 Bannange, yagitunda eziwerera ddala. Yali asobola okugiwaayo ne bamuwaamu ennusu ttaano, era yandisanyuse nnyo, okufunamu ayisi kuliimu, naye yatundibwa ddoola emu. Eyali agula sitampu yagitunda ddoola ebikumi bitaano. Era oluvannyuma, ssimanyi gye yalaga, naye yakomekkereza eri mu bikumi na bikumi bya ddoola. Mukiraba, akapapula ku bwako tekaalina makulu ga maanyi kiri awo, kaali kapapula bupapula ke wali tosobola wadde okulondawo wansi. Naye, akapapula si kye kyali ekikulu, wabula ekiri ku kapapula, ky'ekikulu.

85 Era bwe kityo bwe kiri ne mu kusoma Ekigambo kya Katonda. Olupapula nga olupapula si ky'ekikulu, omuwendo gw'olupapula, oba ssayizi y'olupapula, wabula ekyo ekiwandiikiddwa ku lupapula olwo. Era ekigambo kimu kyokka kimala okulokola ensi, bwe kiba nga kyaniriziddwa bwe kityo.

86 Jjuuzi wano waaliwo. . .Nnina emboozi gye nnasoma ekwata ku biseera by'omukungu waffe. . .Ndowooza omu ku Bapulezidenti abasingayo ab'ekitalo eggwanga be lyali libadde nalyo yali—yali Lincoln. Si lwa kuba yali ava mu Kentucky, wabula kubanga yali musajja wa kitalo. Teyafuna kakisa kusoma, naye—naye mu mutima gwe mwalimu ekintu eky'enjawulo, mwalimu ekiruubirirwa.

87 Nja—njagala nnyo omusajja alina okwolesebwa. Njagala nnyo abantu abalina ekintu kye balwanirira, ssi kubeera bubeezi awo nga ogamba mbu, "Kale, kyonna ekinajja kinaakola." Nedda, situka ogende okirwanirire! Era Lincoln teyakkiriza buyigirize bwe kumufuukira muziziko; yalina eky'okukola. Ndowooza nti buli Mukristaayo yenna bw'atyo bw'alina okuba, zuula ekiruubirirwa kyo era ogende okikole.

88 Buli mmemba w'ettabi lino, leka kumala gagamba mbu, "Kale, tubeera n'eky'enkya omulundi gumu buli mwezi," ekyo tekimala, "oba omulundi gumu buli Lwamukaaga." Wabula beera n'ekiruubirirwa mu bulamu, beera n'ekintu ky'ogenda okukola. Leka tu. . .Katonda akutadde wano; obeeko ne ky'okikolera, buli mmemba wa buli kkanisa. Waliwo okudda obuggya mu kibuga. Okudda obuggya okwo kuliyo lwa kigendererwa. Leka tubeeko ne kye tukufunamu. Leka tubeeko ne kye tukukolera.

89 Mw. Lincoln. Waaliwo omusajja eyali. . .yali muvubuka muto, yali—yali mu lutalo, naye—naye yali—yali mutiitiizi, okusooka kwa byonna. Era ekiseera ky'okugenda ku mulimu bwe kyatuuka, n'a—n'a—n'adduka n'ayabulira obuvunaanyizibwa bwe; ne babaako omusango gwe baamuvunaana, n'aba nga yali agenda kuttibwa nga akubibwa masasi. Era, ha, ya. . .kyali kibi nnyo. Ne wabaawo omuvubuka omu omuto eyali amwagala ennyo, n'agenda ewa Mw. Lincoln, amusabe ekisonyiwo. Ye yali Pulezidenti mu kiseera ekyo, wano mu Amerika, bw'atyo n'agenda gy'ali amusabe ekisonyiwo.

90 N'amugamba, bwe yali ava mu kigaali kye mwe yatambuliranga; nga Mw. Lincoln, ali awo musajja muwanvu, alina ebirevu, mutonotono, era nga abantu enzaalwa y'omu maserengeta. N'amugamba nti, "Mw. Lincoln, waliwo omuvubuka agenda okufa, mu nnaku bbiri okuva kati, agenda kukubwa amasasi, kubanga yadduka n'ava ku ddwaniro mu kiseera ky'olutalo." N'agamba nti, "Mw. Lincoln, omuvubuka oyo si muvubuka mubi. Naye okubwatuka kw'emizinga okwo kwonna, ne—n'abantu abafa, bambi byamutiisa. Era yatya nnyo, okutuusa nti, yayimusa emikono gye mu bbanga n'atandika okuleekaana." N'adduka n'agenda gy'ali, n'amugamba nti, "Omuvubuka oyo mmumanyi." N'agamba nti, "Mw. Lincoln, erinnya lyo lyokka ku lupapula luno lye lisobola okumutaasa. Onaakikola?"

91 Weewaawo, omusajja ono Omukristaayo omukkakkamu, mu bwangu ddala n'awandiika ku lupapula nga agamba nti, "*Gundi*, asonyiyiddwa." N'ateekako erinnya lye, "Abraham Lincoln, Pulezidenti w'Amerika."

92 Omubaka n'adduka mu bwangu ddala nga bwe yali asobola okuddayo. N'adduka n'agenda ku kaduukulu, n'amugamba nti, "Oli wa dembe! Oli wa ddembe! Omukono gwa Mw. Lincoln—Mw. Lincoln guuguno wano. Oli wa ddembe!"

93 Omuvubuka n'amubuuza nti, "Lwaki ozze okunkudaalira, nga okimanyi nti enkya ŋŋenda kufa?" N'agamba nti, "Twala eri olupapula lwo, onkudaalira bukudaalizi." N'agaana okukikkiriza. N'agamba nti, "Nedda, ssa—ssirwagala." N'agamba nti, "Ogezaako ku . . ." N'agamba nti, "Omukono ogwo singa gubadde gwa—gwa Pulezidenti," n'agamba nti, "gwandibaddeko a—akabonero k'eggwanga, era gwandibadde ku lupapula lwe olutuufu."

Kko oli nti, "Naye gwe mukono gwe!"

94 N'amubuuza nti, "Mmanyira ku ki nti mukono gwe?" N'agamba nti, "Ggwe onkudaalira bukudaalizi, ogezaako bugeza kunzikakkanya nneme kweraliikirira." N'atandika okuleekaana, n'akyuka n'amukuba amabega. Enkeera ku makya omuvubuka ne bamukuba amasasi.

95 Kaakati omuvubuka bwe yamala okufa, nga erinnya lya Pulezidenti liri ku lupapula luno, nti yali asonyiyiddwa, kati kiki ekyali kiddirira? Era omusango ne bagutwala mu kkooti y'essaza. Era kuno kwe kwali okusalawo kwa kkooti zaffe, nga z'ez'enkomeredde mu kkooti zaffe zonna. Kye zisalawo oluusi, tetwagala kusalawo kwe zibeera zikoze, naye era mu buli ngeri tubeera tulina okukugondera, mukiraba, kubanga eyo y'enkondo enyweza byonna. Ekyo ky'eky'enkomeredde. Kati, kkooti yakola okusalawo kuno okugamba nti, "Ekisonyiwo tekiba kisonyiwo okuggyako nga oyo asonyiyiddwa akikkirizza nga ekisonyiwo."

96 Bwe kityo n'Ekigambo kya Katonda bwe kiri. Kisonyiwo bwe Kiba nga kikkiriziddwa nga ekisonyiwo. Era Kigambo kya Katonda, Ge maanyi ga Katonda, eri abo abanaakikkiriza era ne bakisembeza.

97 Ggwe ne, bw'okitunuulira, naye n'ogamba nti, "Naye, kikyusiddwakyusiddwa, kyakavvuunulwa emirundi kakadde, n'ebirala byonna." Kyandiba nga eri omuntu omu ekyo kye kiri.

98 Naye, nze ku lwange, Kisigala kikyali Kigambo kya Katonda, "Yesu Kristo abeera obumu jjo, leero, n'emirembe gyonna." Avunaanyizibwa okunywerera ku Kigambo ekyo.

99 Kati, lumu, Alina okusalira ekkanisa omusango. Era bw'Aligisalira omusango nga asinziira ku ekereziya Katolika, nga bwe bagamba nti ky'Alikola, kaakati kkereziya

y'Abakatuliki eriwa ku zonna gy'Alisinziirako okusalira ensi omusango? Buli emu eyawukana ku ginnaayo. Bw'Agisalira omusango nga asinziira ku Bamesodisti, mmwe Ababaputisiti muba muwedde. Bw'Agisalira omusango nga asinziira ku Bapentekoote, mmwe abasigadde muba muwedde.

100 Naye Taligisalira musango nga asinziira ku kkanisa. Bayibuli egamba nti, "Alisalira ensi omusango nga asinziira ku Yesu Kristo, ate Kristo ky'Ekigambo." N'olwekyo mukiraba nti tetulina kya kwekwasa, wabula Kigambo kya Katonda, ky'Akozesa okutusalira omusango; era si nsonga ne bwe kiba kitono kitya, ekigambo kimu kiba kya makulu eri Kino, bwe kityo bwe kigamba mu Kubikkulirwa 22:18.

101 Okusooka, ŋŋenda kutandikira mu Lubereberye. Katonda yawa oluse lw'abantu Ekigambo Kye, beezimbeko bbugwe okuva eri okufa, ekibi, n'ennaku, oba akatyabaga konna. Olujegere, olw'Ebigambo Bye. "Omuti bwe guti togukwatangako, kubanga, olunaku lw'oligukwatako, lw'olifa." Era awasinga obunafu mu lujegere we waba amaanyi gaalwo. Era emmeeme zaffe zisikibwa nga ziyisibwa waggulu wa ggeyeena, nga zeekutte ku lujegere luno; kakutande omenyeko emu ku nnyingo ezo, kye kyokka ky'olina okukola. Kaawa teyamenya sentensi nnamba, yamenya Kigambo kimu kyokka, nga akozesebwa Ssetaani. Ekyo kyayogerwa Ekitabo gye kitandikira.

102 Mu makkati g'Ekitabo Yesu n'ajja, n'agamba nti, "Omuntu taabenga mulamu lwa mmere yokka, wabula olwa buli Kigambo." Si kitundu butundu ku byo, n'olondamu wano na wali, wabula, "Buli Kigambo ekiva mu kamwa ka Katonda."

103 Bwe Yafa, yazuukira, n'agenda mu Ggulu, n'akomawo n'awa Yokaana. . . bye Yayogera awo oluvannyuma lw'okuzuukira Kwe. Baamubuuza nti, "Watya ssinga. . . " Baamubuuza nti, "Omusajja *ono* aliba atya?"

104 Yesu n'amubuuza nti, "Ofaayo ki bw'abeerawo okutuusa we ndijjira?" Nga tamanyi oba nga ddala obulamu bwe bunaabeerawo, naye obuweereza bwe bujja kweyongera mu maaso. Era Yamuyimusa waggulu, mu ssuula ey'o 4 ey'Okubikkulirwa, n'amulaga ebintu byonna ebyali bigenda okujja, bye tulimu, n'okutuusa ku ky'okuyigako kino olwa leero.

105 Ate ku ssuula eya 22, essuula esembayo, olunyiriri olw'e 18, n'Agamba nti, "Yenna alitoolako yadde Ekigambo ekimu bwe kiti okuva mu Kitabo kino, oba aligattako ekigambo kimu ku Kyo, omugabo gwe guliggyibwa mu Kitabo ky'Obulamu." Mukiraba? N'olwekyo tukkiriza nti omuntu abeera mulamu lwa buli Kigambo kya Katonda. Nkikkiriza era mmanyi nti kituufu. Oba kitono kitya, ekyo si kikulu. Kyetaagisa ekigambo kimu kyokka, okukikola.

106 Ndowooza ku bwe ntoowazibwa ne mba nga sirina kyendi n'akatono, bwe ndaba bangi ku mikwano gyange okuva e Canada

nga batudde wano. Nzijukira nnali Canada Ssekabaka George bwe. . . Oyo gwe nnafuna omukisa okugenda ne mmusabira, bwe yawonyezebwa, obulwadde obwo obwa kawuuzi w'omu mu mubiri; ku olwo yali mulwadde, nga alina obulwadde bwa kawuuzi w'omu mubiri, wamu n'okulumizibwa mu lubuto, nga alina alusa; nga bangi ku mmwe abava e Canada bwe mumanyi, wamu, n'Abamerika. Naye bwe nnamulaba nga ayitawo, nga atudde mu kigaali ekyo, ya—yali kabaka. Yeeyisa nga kabaka. Nnaabakyala we omulungi nga amutudde ku mabbali, mu kiteeteeyi kye ekya bbululu, nga bw'agenda ayitawo mu nguudo.

107 Twali awo, nze wamu ne mukwano gwange omu, nga tuyimiridde wamu. Era ekigaali ekyo bwe kyayitawo, mukwano gwange n'akyusa omutwe gwe n'atulika n'akaaba. Ne nteeka omukono gwange ku kibegabega kye, ne mmubuuza nti, "Obadde ki?"

108 N'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, kabaka wange wuuyo ne nnaabakyala we." Kaakati, ekyo nna—nnakyagala.

109 Munda mu nze kye nnava ŋŋamba nti, "Oba nga munnansi w'e Canada, alina omukulembeze atwala gavumenti, si mukulembeze atwala gavumenti, naye era mukulembeze wa gavumenti, ey'e Bungereza, oba nga kabaka okuyitawo, kisobola okuleetera munnansi w'e Canada okukaaba, n'akyusa omutwe gwe n'atulika n'akaaba, ate olwo kiriba kitya bwe tuliraba Kabaka waffe?" Ate bwe tukirowoozaako, ye ffe tulibeera Nnaabakyala.

110 Kati abaana bonna baababafulumya okuva mu masomero, abaana abato, ne baweebwa ka bendera, ka bendera ka Bungereza. Bendera y'e Canada eyitibwa linnya ddala. Ow'oluganda Fred, bendera y'e Canada eyitibwa etya? [Ow'oluganda Fred Sothmann agamba nti, "Union Jack."—Omuk.] Union Jack. Naye baabawa ka bendera ka Bungereza, ke baba bawuuba. Era kabaka bwe yayitawo, abaana bonna baayimirira, ne bawuuba bu bendera bwa—bwabwe, nga bwe basaakaanya eri kabaka. Era—era waaliwo bbandi ezaali zikuba oluyimba, *Ayi Katonda Kuuma Kabaka*, nga bw'akumba nga ayita mu luguudo.

111 O, singa osobola okufuna. . . Singa mubadde musobola okufuna ekifaananyi ky'ekyo ekiribaawo mu kuzuukira kuli!

112 Naye abato abo, bwe baababagamba, baddeyo ku ssomero o—okukumba bwe kwali kuwedde, era bambi baba baddayo, waaliwo akawala okuva mu ssomero erimu akaali katalabikako. Ne bagenda buli wamu wonna, nga bakanoonya, ne banoonya buli wamu wonna mu nguudo. Ku nkomerero ya byonna, emabega w'ekikondo ky'essimu, waali wayimiriddewo akawala, akatono, akampi, bambi, nga kakaaba okukamala.

113 Bambi, omusomesa n'akasitula n'a. . . [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] "Obadde ki? Kabaka tomulabye?"

Ne kamugamba nti, “Weewaawo, kabaka mmulabye.”

N’akabuuza nti, “Bendera yo te—tewagiwuubye?”

Ne kagamba nti, “Weewaawo, bendera yange nna—nnagiwuubye.”

N’akabuuza nti, “Ate kati, okaabira ki?”

114 Ne kamugamba nti, “Olaba, musomesa, nze ndi mutono nnyo, abalala abaababadde bayimiridde mu maaso gange, baababadde bansinga obunene. Kale weewaawo bendera yange nnagiwuubye, naye teyagirabye.” Era ekyo kyakatawaanya. Kaakati, ekyo kisoboka okuba nga ddala akawala ako olw’obumpi bwako, Kabaka George teyakalaba. Ayinza okuba nga teyalaba mutima gwako ogw’omwoyo gw’eggwanga, ne bwe kaali kawulira gy’ali. Kaali kampi nnyo.

115 Naye ku Kabaka waffe ssi bwe guli! O, n’akantu akasingayo obutono ke tukola, Akalaba. Era Amanyi ebintu byennyini n’ebirowoozo ebiri mu mitima gyaffe, buli kimu kye tukola, ka kibeere kitono kitya. Era tumuweereza tutya? Nga tuweerezagana. Bwe sibaagala, nnyinza ntya okumwagala? Mukiraba? “Kyonna ky’okolera abato Bange bano, obeera okikoledde Nze.” Mukiraba?

116 O—obuntu obutono bwe tutakola, oluusi, bwe bukutula olujegere lwonna, mukiraba, ne tumala gatambula mukungujjo, nga tulina ndowooza ya kinaddiini, naye ne twerabira ebintu bino ebi—ebikulu ddala. Buli kimu, buli Kigambo kya Katonda, kikulu. Tewali n’ekimu ku Kyo kirina kusuulibwa ttayo. Tulina okutwala buli Kigambo ekikirimu, ddala nga bwe Kyawandiikibwa.

117 “Nnyimiridde ku luggi,” bw’atyo Yesu bwe yagamba, mu Mulembe guno ogwa Lawodiikiya, “nkonkona.” Mwali mukyetegerezza, nti gwe mulembe gw’ekkanisa gwokka mwe Yagoberwa ebweru w’ekkanisa Ye? Emirembe gy’ekkanisa giri emirala gyonna, Yali munda mu kkanisa. Okuyita mu Bamesodisiti, ne mu Baluzalaani, n’abalala, Yali munda, mu kkanisa. Naye wano Ali wabweru, ebigunje byaffe eby’enzikiriza n’ebintu ebirala bye byali bimugobye mu kkanisa. Naye Ayimiridde wabweru awo, era Akyakonkona nga agamba nti, “Oyo awulira n’aggulawo oluggi, Nnaayingira gy’ali, ne ndya wamu naye, era mmuwe okuwonyezebwa ku lw’amaaso ge, ne—n’engoye, era mmuwe n’obugagga obw’omu Ggulu; oyo anampulira nga nkonkona.”

118 Nnabadde ndowooza nnaasobola okujjukira erinnya ly’omusiizi w’ebifaananyi oyo eyakuba ekifaananyi ekyo, manya, eyasiiga ekifaananyi, nga ali ku luggi. Bwe ya. . . Mumanyi, ebifaananyi ebikulu byonna birina okusooka okuyita mu lunyiriri, manyanga, okwekebejjebwa abakugu, nga tebinnatimbibwa Awatimbibwa ebintu eby’Enkukunala.

Ekifaananyi ekyo ekyasooka kati kyandibadde kigula bukadde na bukadde bwa ddoola.

119 Naye, mulabeeyo, kiringa Ekkanisa, erina okuyita mu kukolokotebwa. Tukuyitamu. Ogenda kuyitibwa "omutukuvu eyeevulunga," ogenda kuyitibwa buli kimu kyonna. Naye singa onoonyweza ekifo kyo mu Kristo, lumu Alitutwala Awatimbibwa ebintu eby'Enkukunala. Naye okusooka tulina okugumira okukolokotebwa. Awo we wali okutoowazibwa kwaffe, awo we kulabikira. "Oyo atasobola kugumira kukangavvulwa abeera mwana mweboolereze, so si mwana wa Katonda." K'abeere nga yeegatta ku kkanisa, ne byonna by'akoze, bw'aba tasobola kugumira kukangavvulwa, asigala, mweboolereze, era tabeera mwana wa Katonda yennyini. Naye omwana wa Katonda yennyini, owa nnamaddala tafaayo ku kiki ensi ky'eyogera, buli kimu kyonna kijja luvannyuma. Ebirowoozo bye bibeera ku Kristo, era ekyo kimala. Weewaawo. Kyonna Kristo ky'amugamba akole, ajja kukikola. Wonna Omwana gw'endiga gy'agenda, agenda Naye, buli wamu wonna. Era awo w'olabira okulabika Kwe, Okubeerawo Kwe, ne by'Akola. Bulijjo abeera n'abantu Be, Omugole We. Amwogereza. Lumu walibaawo Ekijjulo ky'Embaga.

120 Naye kati, omusiizi w'ebifaananyi ono, ekifaananyi kye bwe kyayita mu beekebezzi, ekibinja ky'abeekebezzi baakuŋŋaana okwekebejja omulimu gw'omusiizi w'ebifaananyi ono. Nneerabidde erinnya lye. Ngezaako okulowooza ku Michelangelo, naye oyo ye yayola ekifaananyi kya Musa. Naye erinnya lye ndyerabidde. Naye, kati, yamugamba nti, "Ekifaananyi kyo kya nkukunala," n'agamba nti, "Ssirina nsobi yonna gye nnyinza kukyogerako." N'agamba nti, "Kubanga, Akutte ettabaaza mu ngalo Ze, era, ekiraga nti Ajjira, mu kaseera k'ekiro akakutte enzikiza zigizigi." N'agamba nti, "Ate n'ekirala Ali ku luggi, alutaddeko omutwe Gwe, n'okutu Kwe, Aleme. . .akakase nti tayitibwako wadde akaama k'omulanga. Okutu Kwe akutadde ku luggi, era Akonkona ku luggi." N'agamba nti, "Naye, omanyi, ssebo, waliwo ekintu kimu kye weerabira mu kifaananyi kyo."

121 Ate nga omusiizi w'ebifaananyi, kyamutwalira obulamu bwe bwonna okukisiiga, kye yava amubuuza nti, "Kye kiki ekyo kye nneerabira, ssebo?"

122 N'agamba nti, "Ne bw'Akonkona okwenkana wa, olaba, weerabira okukiteekako omunyolo. Ku luggi tekuliiko munyolo." Bwe weetegereza oluggi, teruliiko munyolo.

123 "O," omusiizi w'ebifaananyi kye yava amugamba nti, "Nnakisiiga bwentyo. Olaba, ssebo," n'agamba nti, "omunyolo guli munda. Ye ggwe oggulawo oluggi. Ggwe oggulawo oluggi."

124 Ha, kiki ekireetera omuntu okukonkona ku luggi lw'omulala? Abeera agezaako kuyingira munda. Abeera

agezaako kuyingira. Ob'olyawo abaako ekintu ky'ayagala okukubuulira oba ky'ayagala muwayeemu. Abeera n'obubaka bw'ayagala okukutegeeza. Era eyo y'ensonga lwaki abantu bakonkona ku luggi lwa bannaabwe. Abeera n'ensonga lwaki akikola. Ekyo tekisobola kubaawo awatali nsonga yonna. Tosobola kugenda mu maka ga muntu nga tewaliiwo nsonga ekutwalayo; bwe watabaawo nsonga ndala yonna, obeera ogenze kumukyalira, oba kubaako bubaka bw'omutwalira, oba ekintu bwe kityo. Wabaawo ensonga etwala omuntu okugenda akonkone ku luggi lw'omuntu omulala.

125 Wonna awabeera ekibuuzo, walina okubaawo eky'okuddamu. Tewayinza kubaawo kibuuzo nga tewali kya kuddamu. N'olwekyo ekyo kye tunoonya mu Bayibuli, ebibuuzo bino eby'ebiro bino, Bayibuli y'erina eky'okuddamu. Era Kristo ky'Eky'okuddamu ekyo.

126 Kaakati, abantu bangi ab'omugaso bazzenga bakonkona ku nzigi, okuyita mu biseera by'obulamu eby'enjawulo, era bangi baakonkona mu biseera ebyayita; era ob'olyawo, ebiseera bwe bineeyongerayo, walibaawo abalala bangi, abantu ab'omugaso.

127 Kati, ekisooka, ob'olyawo, singa omuntu akonkona ku luggi lwo, bw'oba osobola, osooba n'owenjula olutimbe, olabe ani aliwo.

128 Bw'oba olina eby'okukola bingi, nga bwe tugamba mbu tulina eby'okukola bingi ensangi zino, "Nnina eby'okukola bingi ssisobola kugenda ku kkanisa; nnina eby'okukola bingi ssisobola kukola *kino*. Kale, olaba, ebyo ekkanisa yaffe tebikkiririzaamu." Naye, mulabeeyo, oluusi, tubeera tetuteredde butereezi, na Kigambo.

129 Naye bw'owenjula olutimbe, obeera oyagala olabe ani ayimiridde awo. Era bw'aba muntu ow'amakulu, odduka mangu n'ogenda ku luggi.

130 Kaakati leka tuddeyokko emabega, tubeeko abantu abatonotono abaakonkona be twogerako. Leka tuddeyo tulowooze ku Falaawo e Misiri, emyaka bikumi na bikumi egyayita edda. Watya ssinga—ssinga Falaawo, kabaka w'e Misiri, yaserengeta n'abaako ennyumba y'omukopi gy'agenda? Nga omukopi ono mu ngeri emu oba endala takkiriziganya na Falaawo, nga takkiriza nkola ze, era nga ayawukana naye. Era—era, naye nga Falaawo wuuno wano, ayimiridde ku luggi lwa—lw'omuzimbi manya omusambi w'akadongo, nga bwe tuyinza okubayita, emmanga eri mu Misiri. N'awenjula olutimbe lwe, nga ku w'ekitiibwa Falaawo kw'akuba amaaso nga ayimiridde ku luggi. Nga akonkona; ajjudde akamwenyumwenyu ku matama. [Ow'oluganda Branham abaako ekintu ky'akonkona—Omuk.] Nkukakasa, omulimi oyo yandigguddewo oluggi, n'amugamba nti, "Yingira, ayi Falaawo omukulu, nsaba okkirize omuddu wo omwetoowaze alabe ekisa mu maaso go.

Bwe wabaawo ekintu kyonna kye nnina mu bisenge byange, nze ndi muddu wo, ayi Falaawo. Onzisizzaamu ekitiibwa okusukkuluma ku baganda bange. Ozze mu nnyumba yange, nze omwavu atalina bwendi. Ggwe okyalira bakabaka bokka na—na bakungu, n'abantu ab'ebitiibwa. Nze ssirina bwendi. Naye o—onkyalidde, onzisizzaamu ekitiibwa, ayi Falaawo. Kiki ky'oyagala omuweereza wo omwetoowaze akole?" Falaawo ne bw'asaba kiki kyonna, ka bubeere obulamu bwe, aba ajja kubumuwa. Weewaawo. Kya kitiibwa.

131 Oba, ka tugeze, omugenzi Adolf Hitler, bwe yali omukulembeze wa Bugirimaani. Watya ssinga yabaako ennyumba y'omujaasi gy'agenda? Akabinja k'abajaasi abo Abannazi ne beebulungulula ekifo ekyo kyonna, era, baba bakyali awo, ne, wabaawo akonkona ku luggi. Naye omujaasi ono bambi n'agamba nti, "Ah, enkya ya leero mpulira bubi! Mukyala, abo bagambe bagende."

132 Naye mukyala we n'asooba n'agenda ku luggi, n'awenjula olutimbe. N'amugamba nti, "Mwami! Mwami, vvaayo, mangu!"

"Mutawaana ki? Ani ayimiridde awo?"

"Hitler, omukulembeze wa Bugirimaani!" Ha, bannange!

133 Omujaasi oyo yandibuuseeyo mu bwangu obw'ekitalo, n'ayambala engoye ze, mu bwangu obw'ekitalo, n'ayimirira butengerera. N'atambula n'agenda ku luggi, n'alusumulula, n'aluggulawo, n'agamba nti, "Awangaale Hitler!" Mukiraba, yali musajja wa maanyi nnyo, mu biro bye mu Bugirimaani. "Kiki kye mba nkukolera?"

134 Aba kumugamba nti, "Genda weekasuke eri mu luwonko," yandikikoze. Lwaki? Tewakyali, tewaaliwo muntu yenna mukulu era assibwamu kitiibwa mu Bugirimaani, mu nnaku z'enkola y'Obwannazi, kusinga Adolf Hitler. Yali musajja wa maanyi nnyo. Era ya . . . Era, nga kyandibadde kya kitiibwa kya maanyi nnyo, kubanga yakyaliranga ba jjenero bokka n'abantu abagundiivu, naye kati wuuno wano ali ku luggi lwa mukuumi w'awaka! O, mazima ddala kyandibadde kya kitiibwa nnyo eri omujaasi oyo.

135 Naye, kati, ate Flagstaff? Leka tweyongere okukisembeza eka. Watya singa olw'eggulo lwa leero, o—Pulezidenti waffe, Mw. Johnson, L. B. Johnson, watya singa ava mu nnyonyi, erudda wano eno awantu awamu? Era kati ffenna tugwa mu ttuluba limu ery'abantu. Ffenna tuli baavu. Wayinza okubaawo omu alina omulimu omulungiko, ob'olyawo omulala alina amaka amalungiko, naye, era mu byonna, tuli bantu buntu. Naye watya ssinga ajja ku nnyumba yo emmanga wano, ob'olyawo eri asingayo okubeera owa wansi mu ffe, n'akonkona ku luggi; n'ogenda ku luggi, nga Pulezidenti L. B. Johnson y'ayimiriddewo? Nkukakasa, kyandibadde kitiibwa kya maanyi nnyo. Oyinza okuba nga tokkiriziganya naye, mu by'obufuzi.

Naye wandibadde musajja wa kitiibwa, Pulezidenti w'Amerika okuyimirira ku luggi lwo. Ggwe ani oba nze ani? Okubeera nti Lyndon Johnson ayimiridde awo ku luggi lwo! Ne bwe wandibadde wa kibiina kya byabufuzi ekya ba Socialist oba ekya ba Republican, oba nga oyawukana naye mayiro kakadde kalamba, naye era kyandibadde kya kitiibwa.

136 Mumanyi lwaki? Kubanga obeera oweereddwa ekitiibwa kino, era, aba ttivi bandikiraze ku lutimbe akawungeezi ka leero. Mazima ddala. Kyandiwandiikiddwaako mu mitwe gy'empapula z'amawulire enkya, kyandifulumidde wano mu lupapula lw'amawulire olwa Flagstaff, nti, "*Gundi*. Olunaku lwa jjo Pulezidenti w'Amerika yalinnye ennyonyi n'agenda mu Flagstaff, ku lugendo olutali lutongole, naye yagenzeeyo bugenzi, nga tayitiddwa na kuyitibwa, n'akonkona" ku luggi lwo. Mwetoowaze! Pulezidenti oyo yandiweereddwa erinnya ery'okubeera omusajja omwetoowaze, wadde nga wa maanyi nnyo, olw'okujja ku luggi lwange oba ku lulwo; ffe abatalina kye tuli, naye n'ajja ewaffe n'ayogera naffe.

137 Nkukakasa, wandigenze okaada mu luguudo, nga ogamba nti, "Weewaawo, ye nze. Pulezidenti yankyalidde."

138 "Sooka oyimirire, njagala kufuna ku kifaananyi kyo—kyo. Ntunuulira butereevu. Kaakati tambulamu ndabe bw'ofaanana nga otambula?" Wandibadde muntu wa mugaso. Mazima ddala.

139 Watya ssinga nnaabakyala wa Bungereza ajja, newankubadde tobeera mu ttwale lye? Naye era kyandibadde kya kitiibwa eri abamu ku mmwe abakazi okukyaza nnaabakyala wa Bungereza, newakubadde nga temuli wansi wa ttwale lye. Naye, muntu wa maanyi nnyo, ye nnaabakyala asingayo okussibwamu ekitiibwa mu nsi yonna, mu kiseera kino. Ddala, ky'ali, okusinziira ku ludda lw'eby'obufuzi. Naye bwe wandibaddeewo akamu ku by'okwewunda by'oyambala akali ku kisenge kyo k'akusaba, k'otwala okuba ak'omuwendo ennyo, wandikamuwadde. Kyandibadde kya kitiibwa ggwe okukikola. Mazima ddala, ye nnaabakyala wa Bungereza.

140 Ne Pulezidenti, yandikussizzaamu ekitiibwa. Era buli muntu yandyogedde ku bwetoowaze bwa nnaabakyala wa Bungereza, okulinnya ennyonyi n'ajja abeeko omukazi gw'alaba mu Flagstaff, atalina ky'ali. N'empapula z'amawulire zandikiwandiiseeko, n'amawulire gandikifulumizza.

141 Naye, mumanyi, Omuntu asingayo obukulu mu biseera byonna, Yesu Kristo, akonkona ku luggi lwaffe. Naye Agobebwa, okusinga bakabaka bonna n'abakungu abaali babaddewo. Ddala bwe kiri. Era osobola okumukkiriza n'ogenda obeeko ne ky'okyogerako, naye ab'ensi bajja kukusekerera busekerezi. Tewali mawulire gajja ku . . .

142 Ani ayinza okujja ku nnyumba yo, asinga Yesu Kristo obukulu? Ani ayinza okukonkona ku luggi lwo, asinga

Yesu Kristo obukulu? Ani ayinza okukikola? Omwana wa Katonda, ani asobola okukonkona ku nnyumba yo, ani ayinza okumusinga obukulu? Naye ate Akonkona, buli lunaku. Ate ne bw'omukkiriza, oyitibwa muzoole. Kati, mulaba ensi bw'emanyi abaayo? Bwe kiri. Naye kati Tasobola kujja nga Talina nsonga emuleeta.

143 Naye kati mulowooza nti obwetoowaze bwa Pulezidenti Johnson, oba nnaabakyala wa Bungereza, oba omuntu omulala yenna ow'amaanyi, bwe yandikoze ekikolwa ekyo bwe kyandirabiddwa, nga obwetoowaze bw'omuntu oyo ow'amaanyi okukonkona ku luggi lwo!

144 Ate olwo obwetoowaze bw'Omwana wa Katonda? Ffe baani okuggyako aboonoonyi obwonoonyi, abagwagwa, "abaazaalibwa mu kibi, ne tubumbibwa mu bujeemu, ne tujja mu nsi nga twogera bulimba?" Naye era Omwana wa Katonda n'ajja n'akonkona ku luggi lwaffe.

145 Kati, nnaabakyala wa Bungereza ayinza okubaako ne ky'akusaba. Ayinza okubaako ne ky'akusaba omuwe. Kye kimu ne Pulezidenti, ayinza okubaako ne ky'akusaba okole ky'otayagala kukola. Ayinza okukusaba obeeko eby'obugagga by'owaayo by'otoyagala kweggyako, ate ebitandibadde na makulu gonna, gy'ali.

146 Naye Yesu abaako ne ky'akuleetera bw'Akonkona. Aleeta kisonyiwo. Tokigaana. Kubanga, nga omusango guli bwe gwawozesebwa wano mu mbuga zaffe ez'amateeka, bwe kityo bwe kiriba ne mu Bwakabaka obw'omu Ggulu. Bw'Aba nga yakonkona n'aleeta ekisonyiwo, naye n'okigaana, n'ofiira mu bibi byo, olizikirira; wadde wafuna omukisa okutuula mu lukuŋŋaana nga luno, wadde wafuna omukisa okubeera mu kudda obuggya, oba mu kkanisa yo, n'owulira omusumba wo nga abuulira obubaka bw'Enjiri, n'obeera ne... Oligamba nti, "Weewaawo, nnaliyo." Ob'olyawo, ggwe, kizibu okumanya by'oyinza okwogera. "Nnawulira okuyimba. Kwannyumira. Nnawulira obujulizi. Bwali bwa nnamaddala." Naye Enjiri wagigaana.

147 Watya ssinga mbadde muvubuka muto ne mbaako omuwala gwe nsisinkana; nga alabika bulungi nnyo, nga Mukristaayo? Nga yandimbeeredde... Nga alina buli kisaa-... [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] Ekigambo tosobola kukisangamu nsobi yonna, naye olina okuteeka ku bbali obulombolombo bw'abantu. Oyinza okugamba nti, "Ha, Ekyo nzikiriza kituufu. Ndaba, kitegekeddwa..." Naye olina okukikkiriza. Ggwe... Kati omukazi oyo afuuka kitundu ku nze. Naawe bw'otyo ofuuka kitundu ku Kigambo, nga ye Mugole. Bw'Aba nga ye Kigambo, Omugole ajja kuba Mugole-ow'Ekigambo. Mukiraba, mazima ddala ky'ajja okuba! Mukiraba, olina okukkiriza Ekigambo ekyo. Wandibadde... Osobola okwogera kyonna

ky'oyagala, osobola okwenyumiririza mu Pulezidenti; naye ate emirundi egisinga Yesu bw'atuuka okujja ku luggi lwaffe, ate tumugoba bugobi. Mukiraba, tubeera tetumwetaaga n'akatono. Tumugamba kimu nti, "Kale, komawo olunaku olulala."

148 Watya singa obaako oluggi lw'omuntu omu lw'okonkona? Kaakati ekifaananyi leka tusooke tukikyuseemukko katono. Watya singa ogenda n'okonkona ku luggi lw'omuntu omu, nga olina ky'omutwalidde? Era, omuntu oyo, naawe n'akuyisa nga bwe wandiyisizza Katonda; kale, bw'okola bw'otyo, kale, tewali buzibu, naye obeera tolina ky'osuubira. Kati ssinga okonkona ku luggi lw'omuntu omu, naye n'alingiza mu ddirisa, n'awenjula olutimbe n'aluzzaawo; oba n'ajja ku luggi, n'agamba nti, "Komawo olunaku olulala!"

"Naye, mbadde njagala . . . "

149 "Enkya ya leero ssirina budde!" Mumanyi kye wandikoze? Ob'olyawo ky'ekintu kye kimu nange kye nnandikoze, n'abalala bonna, tewandizzeeyo mulundi mulala.

150 Naye si Yesu. "Nnyimiridde, nkonkona," nkonkona obutakoowa. [Ow'oluganda Branham abaako ekintu ky'akonkona nga talekera awo—Omuk.] Mukiraba? "Oyo anoonya entakera," si kunoonya bunoonya. "Anoonya entakera! Oyo akonkona entakera!" Akonkona, asigala nga akonkona, akonkona entakera! Mukiraba, "Oyo anoonya entakera, oyo akonkona entakera, ali . . . " Si ku . . .

151 Nga olugero lw'omulamuzi ataali mutuukirivu. Omukazi yagenda nga ayagala kumulamula, kuwoolera, naye n'atakufuna. Ya . . . Yagenda mu maaso n'okukonkona nga bwe yeegayirira. N'agamba nti . . . "Okusobola okumwegobako, nnaamulamula n'omulabe we."

152 Olwo Kitaffe ow'omu Ggulu talisingawo nnyo? Mukiraba, ye ffe tulina okukonkona ku luggi Lwe. Adamu ye yalina okugenda nga adduka adda eno n'eri mu lusuku, nga bw'alaajana nti, "Kitange! Kitange, oli wa?" Naye mu kifo kya—mu kifo ky'ekyo, Katonda ye yali adduka nga adda eno n'eri mu lusuku nga bw'ayita nti, "Mutabani! Mutabani, oli ludda wa?" Mukiraba, ekyo kiraga kye tuli. Bulijjo tubeera mu kwekweka bwekwesi, mu kifo ky'okwekukunulayo ne tukyatula. Tugezaako okudduka, tubeeko ekintu mwe twekweka. Obwo bwe butonde bw'omuntu, bwe tutyo bwe tuli. Yee, ssebo.

153 Abantu bano wandibawadde ekisingirayo ddala obulungi kye wandibadde nakyo, buli kimu kyonna. Naye toyagala, Yesu to—to—toyagala kumukkiriza. Sitegeeza mmwe, naye ntegeeza abantu abali wano.

154 Oba weesanga oyinza okugamba, oyinza okugamba nti, "Mubuulizi, ekyo kyennyini kye nnakola. Nna—nnaggulawo omutima gwange ne mpa Yesu omwagaanya ayingire. Ekyo nnakikola emyaka kkumi egiyise. Nnakikola emyaka abiri bukya

egiyise." Kaakati, ekyo kyandiba nga ddala kituufu wakikola, naye ekyo kye kyokka kye wakola? Mukiraba?

155 Kaakati njagala mbabuuze. Ssinga obaako omuntu yenna gw'oyaniriza ayingire mu nnyumba yo, naye ate bw'oyingira mu luggi, manyanga, ssinga wabaawo akwaniriza oyingire mu nnyumba ye, n'akugamba nti, "Yingira."

156 "Weewaawo, nnina ekigendererwa, nja kufuluma e kibuga nzisibwemu ekitiibwa, mukiraba." Abantu bangi bwe batyo bwe bakkiriza Kristo. "Nja. . .Ndi—ndi mmemba wa kkanisa. Ndi mmemba wa kifo *Gundi* ekinene ekisangibwa emmanga wano, Dokita Ph. LL. gy'asabira, ndowooza okimanyi. Era y'ekkanisa esinga obunene. Mmeeya mw'asabira, n'abalala, nga bw'omanyi. Kale nange ndi—ndi mmemba wa kkanisa eyo." Yesu bamukkiriza ayingire, ne bamuteerawo w'ateekwa okukoma. "Weewaawo, nja kumukkiriza," mukiraba, nga alina ky'amwagalako.

157 Naye kati kiki ekibaawo Yesu bw'ayingira mu mutima? Abantu bangi bamukkiriza kubanga tebaagala kugenda mu ggeyeena. Naye Yesu bw'ayingira mu mutima gwo, Ayagala abeere Mukama wo. Si kubeera Mulokozi kyokka; wabula, era Mukama wo. *Mukama* wo kitegeeza "nga y'akufuga." Ayingira munda a—asobole okubeera nga y'akufuga.

Kati oyinza okumbuuza nti, "Ekyo kituufu, Ow'oluganda Branham?" Mazima.

158 Watya singa—singa nkuyita ojje ewange, n'ojja n'otuuka ku luggi? N'okonkona ku luggi, ne nningiza wabweru, ne ŋŋamba nti, "Weewaawo, yingira. Bw'oba osobola okunnyambako, tewali buzibu, nnyambaako. Naye kati, bw'oyingira, ssaagala weemakulire mu nnyumba yange. Yimirira awo wennyini ku luggi!"

159 Mujjukire nti, omutwe gw'eky'okuyigirizaako kyaffe gugamba nti "enzigi" munda mu luggi. Kati, munda mu mutima gw'omuntu mulimu obuggi bungi, era obuggi obwo bukukulira ebintu bingi. Okumukkiriza obukkiriza Ayingire, si ky'ekyo kyokka, bw'Ayingira.

160 Bwe nnyingira mu nnyumba yo, bw'onnyaniriza ku mulyango, kati, oyinza okuŋŋamba nti, "Yingira, Ow'oluganda Branham. Nga nsanyuse nnyo okukulaba!"

161 Nze ne nkuddamu nti, "Weewaawo, mukisa gwa maanyi gyendi okuyingirako mu nnyumba yo!"

162 "O, oba ojje otuulire wano eno? Ow'oluganda Branham, genda buli wamu wonna mu nnyumba yaffe, weegazaanye!" Ha, bannange!

163 Nnandigenze mu firiigi, ne nzigyayo ttoosi za sandi wiici ezo ennene, ezenkana nga *awo*, ne nzigyamu engatto zange ne ŋŋenda mu kisenge ne ngalamira awo. Nnandibadde ne

jjubireewo e—ey'ekitalo ddala, mukiraba. Lwaki? Kubanga mpulidde nga nnyaniriziddwa. Onnyanirizza. N'olwekyo nnandisiimye okuba nti onnyanirizza.

164 Naye singa nnyingira mu nnyumba yo, n'oŋŋamba nti, "Kaakati, yimirira awo ku mulyango, togeza okwemakulamakula!" Ssandiwulidde nga nnyaniriziddwa bulungi. Ate ggwe? Nedda, mukiraba, naawe tewandiwulidde nga ayaniriziddwa. Omuntu n'akwaniriza oyingire munda, naye n'akugamba nti, "Kati sooka olindeko! Kati, yingira, naye yimirira awo wennyini!"

165 Kaakati, waliwo akaggi akatono bw'oyingira mu mutima gw'omuntu. Tugenda kubaako obumu ku buggi obwo bwe twogerako, mukiraba. Tetulina budde bumala kuyita mu nzigi zino zonna, kubanga nnyingi nnyo. Mukiraba? Naye, ka tugambe nti, mu ddakiika nga kkumi eziddako, leka tubeeko nga bbiri, oba ssatu ku nzigi ezo ze twogerako.

166 Kati, ku mukono ogwa ddyo ogw'omutima gw'omuntu, bw'oyita mu luggi n'oyingira, waliwo akaggi akatono ku mukono ogwa ddyo, era akaggi ako, munda omwo, kayitibwa oluggi lw'amalala. Ha, bannange! "Yesu togeza okuyingira mu luggi olwo!" Eyo Mukama tebamwagalayo, mu luggi olwo, ago malala. "Nze ndi mwana wa bakungu. Nfaayo... O, weewaawo, kaakati labayo, leka nkubuulire, nze—nze..." Mukiraba, malala. "Eyo Yesu teweemakulirawo!" Kaakati, tasobola kuwulira nga Ayaniriziddwa kasita oluggi olwo olw'amalala osigala nga oluggadde.

167 Alina okukutoowaza. Mukiraba, ekyo ky'Ekimuleeta munda eyo. "Oyagala kuŋŋamba nti nnina okugenda emmanga eyo nne—nneeyise nga abalala?" Nedda, teweetaaga kukikola, ekyo nkikukakasa. "Kaakati, leka nkubuulire, olowooza mba nnaakola ntya singa ŋŋenda mu lukiiko lwa bizineesi omulundi oguddako? Mba nnaakola ntya enkya singa nsisinkana mu—mukama wange ankulira ku mulimu? Nga olwo, Omwoyo oyo n'anzikako, ne mbuukabuuka, nga ndi ku mulimu gwange, ne ntandika okwogera mu nnimi, ha, ekyo kiba kijja kumpeebuula. Nedda, eyo togendayo!"

168 Mukiraba, kiikyo, mukiraba. Weewaawo, ojja kuganya Yesu ayingire, ojja kwegatta ku kkanisa era owandiise n'erinnya lyo, okkirize Yesu nga Omulokozi wo; naye ate kiri kitya ku ky'okubeera Mukama wo, nga y'Akulinako obuyinza obw'enkomeredde? Bw'aba nga Ye Mukama wo, byonna y'Aba abirina, byonna biba Bibye, obeera—obeera weeweereddeyo ddala gy'Ali.

169 Naye amalala ago. "Ha, ky'otegeeza ffe abakazi, tugenda kuleka enviiri zaffe zikule?" Kati, ekyo kye Yagamba. "Kigenda kutwetaagisa okulekera awo okwesiiga langi ku njala, oba okukozesa eby'okwewunda?" Ekyo kye Yagamba. "Naye, kati

olowooza ki ku kibiina kyange ffe abatunzi mwe twegattira? Bajja kumpita wa nkola nkadde." Kale, ggwe sigaza amalala go. Genda mu maaso. Ajja kuyimirira ku luggi, awo w'Anaakoma.

170 Naye bw'onaabeera omwetegefu okuggulawo oluggi olwo, omuwe omwagaanya Ayingire, Ajja kugalongoosa agakuggyemu, empale z'ebinu zijja kukomekkereza wano eno mu kipipa kya kasasiro, n'eby'okwewunda bijja kuddayo mu kipipa kya kasasiro, ne kinyoozi ajja kufa enjala bw'aba nga asala nviiri za bakazi zokka, eri omukkiriza owa nnamaddala.

171 Kati oyinza okugamba nti, "Ekyo teki . . . " Ha, weewaawo, nakyo, kikikola. Bayibuli bw'etyo bw'egamba. Ky'ekyo. Okiraba, awo waliwo akagambo akatono, k'otoyagala Yeemakuliremu.

"Naye, nze omusumba wange!"

172 Ssifaayo musumba kye yagamba. Ekyo Bayibuli ky'egamba, "Kya nsonyi omukazi okukikola."

173 "Naye," oyinza okuŋŋamba nti, "ebintu by'olina okutuyigiriza, Ow'oluganda Branham, y'engeri y'okufunamu Omwoyo Omutukuvu, n'engeri y'okubeera *kino,* na *kiri*." Onaayiga otya ekibalo ekikalubo nga n'ennyukuta ezisookerwako eza ABC tozimanyi? Tomanyi na bw'olina kweyisa, weeyisa otya, olabika otya, oyambala otya nga omukristaayo. Kya nsonyi okulaba abakazi bano abali ku nguudo ennaku zino.

174 Olunaku lwa jjo nnina ekifo mwe nnagenze, nga, ha, ne wajja ekibinja ky'abagwenyufu. Baabadde, abasajja baabadde n'enviiri mu maaso, nga zibunduka ne zikkirira wansi mu mugongo, nga beekapise mu bugoye bukamiimo bwe bawugiramu, nga obwo abaana abato bwe bambala okugenda ku ssomero, nga bambaliddeko agaggatto aganene, nga bonna baasaamiridde. Nga okiraba bulabi nti bamenyi ba mateeka. Ne bayingira munda, ne bagamba nti, "Tuli Bafalansa."

175 Ddala muntu ki ayinza okuwa omulimu omuntu afaanana bw'atyo mu bizinensi ye? Bafuna batya ekibabeezaawo? Nnina n'abavubuka abawerako be nnalaba batudde awo . . . Baali bava mu yunivaasite eyo eri emmanga awo, abavubuka bano abacakaze ab'omulembe, ndowooza beeyita *bugs* oba *beatles,* oba ekintu bwe kityo, ebimu ku bibinja ebyo ebiva mu Bungereza. Naye nga bali omwo bwe batyo, ani ayinza okuwa omulimu omuntu afaanana bw'atyo amukolere? Osobola okuteeka omuntu bw'atyo mu bizinensi yo, mmwe abasajja abasuubuzi? Bw'oba osobola, oli, waliwo ekitali kituufu, tonnaba kusemberera bulungi Musaalaba.

176 Mulabe abakazi bano abali ku nguudo, nga kya nsonyi nnyo! Bandiba nga bambi bakazi battu tebalina kikyamu kyonna kye bakola mu bugoye obwo obukunukkidde, mukiraba, naye, kya nsonyi, engeri gye balabikamu. Kati, oyinza okubagamba nti, "Naye, ggwe omukazi, awo obeera okola bwenzi."

177 Nga bakugamba nti, “Lindako katono, muvubuka! Nze ndi mulongoofu ddala nga bwe . . . ” Ekyo kyandiba nga bwe kityo bwe kiri, mu birowoozo byo. Era kyandiba nga bwe kiri, nga kisobola n’okukakasibwa okuyita mu kukeberebwa abasawo, nti wandiba nga oli mulongoofu.

178 Naye, jjukira nti, ku Lunaku lw’Omusango, olyanukulira ogw’okwenda. Yesu yagamba nti, “Buli atunuulira omukazi okumwegomba aba amaze okwenda naye mu mutima gwe,” ate ye ggwe wamweraga mu ngeri eyo. Mulaba engeri ssetaani gy’abazibyemu amaaso? Kya buswavu. Kya nsonyi. Mukiraba, waliwo omwoyo o—ogubaliko. Ogwo mwoyo gwe gukikola. Ogwo mwoyo ogutali mutukuvu.

179 Naye Omwoyo Omutukuvu owa nnamaddala ajja kuleetera omukazi okwambala mu ngeri ey’ekitiibwa era alabike nga mutukuvu.

180 Mukyala wange, lumu yaŋŋamba, twali tutambula ku luguudo, ne tusisinkana omukazi eyali ayambadde ekiteeteeyi, eri mu kitundu kyaffe gye tubeera. Kyali kintu ekyewuunyisa ennyo, mukiraba, erudda eri waliyo Abapentekoote batono nnyo. Naye, twamulaba nga ayambadde ekiteeteeyi. Mukyala wange kye yava aŋŋamba nti, “Billy,” n’agamba nti, “abamu ku bakazi abo mbamanyi. Bayimbi mu kkwaya wano eno mu makanisa gano.”

Kko nze nti, “Bwe kiri.”

Kko ye nti, “Naye, ate ne bagamba mbu Bakristaayo?”

Kko nze nti, “Mukwano, labayo. Labayo, tetuli . . . ”

N’ambuuza nti, “Abantu baffe lwaki . . . ?”

Kye nnava mmugamba nti, “Labayo, mukwano, ffe tetuli ba luse lwa—lwabwe n’akatono.”

Kko ye nti, “Ekiki?” N’agamba nti, “Abo Bamerika.”

Kko nze nti, “Weewaawo, naye ffe si kye tuli.”

Kko ye nti, “Si kye tuli?”

Kko nze nti, “Nedda.”

181 Ne mmugamba nti, “Bwe ŋŋenda mu Bugirimaani, nsangayo omwoyo gwa Bugirimaani. Bwe nnagenda mu Finland . . . ” Bwe twali eyo mu sawuna, bangi ku mmwe Abafinni mukimanyi, abakazi be banaaza abasajja. N’olwekyo, ogwo gwe mwoyo gw’Abafinni. Bantu balungi nnyo ddala, naye, okiraba nti, buli w’ogenda wonna, osangayo omwoyo gw’eggwanga eryo.

182 Ggwe genda mu kkanisa weetegereze omusumba, bw’aba nga abuuliza maanyi n’okwetalaatala, n’ekibiina bwe kityo bwe kinaabeera. Mukiraba? Buli omu atwala mwoyo gwa munne mu kifo ky’okutwala Omwoyo Omutukuvu.

183 Y’ensonga lwaki tulina enjigiriza ya Bayibuli eyakyamizibwa obwenkanidde awo. Mu kifo ky’okuddayo

ku ppulaani, batuttemu mwoyo gwa kibiina kya ddiini. Mukiraba? Naye Ekigambo kigwiira nnyo gye bali nga bwe Kyali mu biro biri Yesu we yajjira, nga ayanjula Enjiri yennyini entuufu. Baagamba kimu nti, "Oyo ssetaani. Oyo Beeruzebuli." Mukiraba? Naye kiikyo awo.

184 Mukyala wange kye yava ambuuza nti, "Naye, kati, bwe tuba tetuli Bamerika, tuli baki?"

185 Kko nze nti, "Obwakabaka bwaffe bwa Waggulu." Mukiraba, tuli ba ddembe, era twazaalibwa omulundi ogw'okubiri. Obwakabaka bwa Katonda buli munda mu mmwe. Mukiraba, mweyise nga waggulu Eri, muli bakiise abava Eyo. Nnamugamba nti, "Wano tuli bannansi, mu mubiri wano we tubeera. Naye, emyoyo gyaffe, tuli batambuze era bagenyi." Tuli bagwiira eri ensi eno eriwo kati, n'eri eggwanga lyaffe lyennyini, kubanga twakkiriza okuyitibwa bwe kwakonkona ku mitima gyaffe, okufuuka ekitundu ku Ye, Ekigambo Kye. Era Ekigambo kitutereeza, kituleetera okubeera abalamu ne kituleetera n'okweyisa nga Abakristaayo.

186 Edda eyo, mu Bukiikaddyo, waaliyo emboozi entonotono. Waaliyo kabaka. . .manyanga, omuguzi. Baatundanga abaddu. Ekyo kyaliwo mu kiseera kya—ky'okusosolagana mu langi, era baalina abaddu mu Bukiikaddyo. Baali. . .Baagendangayo ne babagula, nga bw'oyinza okugula emmotoka ekozeeko, okuva mu kibanda ky'emmotoka.

187 Kati, ndi muntu akkiririza mu butasosolagana, weewaawo. . .Manya akkiririza mu kusosolagana. Ndi muntu akkiririza mu kusosolagana. Kubanga, ssifaayo ne bwe bawakana okwenkana wa, toyinza kuba Mukristayo n'obeera omuntu akkiririza mu butasosolagana. Ekyo ddala bwe kiri. Katonda n'amawanga Ge gennyini agaawulamu. Ayawulamu abantu Be. "Mubaveemu!" Katonda. . .Katonda akkiririza mu kusosolagana. "Temugeza. . .Temukwatanga ku bintu byabwe ebitali birongoofu!" Yaggyayo Isiraeri, oluse lw'abantu abo Abayudaaya, okuva mu buli, mu mawanga g'abantu gonna agali mu nsi. Akkiririza mu kusosolagana.

188 Naye ssikkiriza nti waliwo omuntu yenna alina okuba omuddu. Katonda yakola omuntu; naye omuntu n'afuula bantu banne abaddu. Ssikkiriza nti waliwo omuntu yenna alina okufuga omulala, oba okufuga ekika ky'abantu kyonna, oba aba langi endala oba ekintu kyonna.

189 Naye waliwo okusosola, Omugole wa Kristo ayawulwa okuva mu makanisa amalala, era ekyo ddala bwe kiri: ekkanisa ey'omubiri, n'Ekkanisa ey'omwoyo; ekkanisa ey'omubiri, n'Ekkanisa Ekigambo. Lubeerera bwe kibaddenga. "Yesu yajja eri abantu Be, naye abantu Be tebaamusembeza; naye abo bonna abaamusembeza!"

190 Kale kati, waabangawo abaguzi, era bakayungirizi baagendangayo ne bagula abaddu bano. Lumu waliwo eyagenda ku ssamba ennene, n'abeetegereza. Abaddu baakubibwanga ebitagambika, n'ebirala bye baabakolanga, nga bwe mumanyi. Baali wala nnyo okuva ewaabwe; nga tebaliddayo. Ba nnansangwa abayitibwa ba Boers, n'Abadaaki, baali baagendayo ne babaggyayo, ne babaleeta wano ne babatunda. Nga tebaliddamu kulaba taata, tebaliddamu kulaba maama, tebaliddamu kulaba baana baabwe. Baabakakanga okwezaalamu; nga balondayo omusajja omunene, ne bamukaka okwegatta n'omukazi omunene, atali mukazi we, basobole okufunamu ezzadde ly'abaddu abanene. Ha, ekyo lumu Katonda alikibavunaana! Bwe kiri. Ekyo si kituufu.

191 Nga lumu Abraham Lincoln bwe yayogera, bwe yava mu lyato mu New Orleans, yaggyako enkofiira ye eyakula nga omudumu gw'omukka . . .

192 Yalaba abaddugavu nga basatu oba bana, nga bajja, ne bayimirira awo nga tebambadde ngatto, we baali . . . Ente yali egalamiddewo ne—n'eggyawo omuzira ku ttaka, baali bayimiridde oluvannyuma lw'okugoba ente okuziyingiza. Obugere bwabwe bambi ne bwabika, ne butiiriika omusaayi. Nga bayimba nti, "Olina engatto, nange nnina engatto, n'abaana ba Katonda bonna balina engatto."

193 Bwe yava mu lyato, n'atambula n'agenda awaali ekiyumba ky'ente ennume, waaliwo omuddugavu omunene eyali ayimiridde awo, nga bwe bamuswanyuula kibooko, okugezesa omutima gwe. Nga bamugoba nga bw'adduka mu luguudo, nga eno bwe bamuswanyuula kibooko; oluvannyuma ne bapima omutima gwe, balabe oba nga talina buzibu bwonna. Nga mukazi we bambi ayimiridde awo, awambaatidde abaana nga babiri oba basatu mu mikono gye *bw'atyo*; nga bagenda kumutunda, bamuzaaziseemu abaana n'omukazi omunene asinga ku mukazi we. Ekyo nnamukadde Abraham Lincoln n'akisonseka wansi w'enkofiira ye . . . n'ateeka enkoofiira ye mu nkwawa ze, *bw'atyo*, n'akuba ekikonde mu kibatu kye, n'agamba nti, "Ekyo kikyamu! Era lumu ndikikuba, ne bwe kiriba kinneetaagisa kufiirwa bulamu bwange." Era erudda eri, mu kkaddiyirizo ly'omu Chicago, waliyo ekyambalo ekiriko omusaayi, ogwasumulula kadduggala oyo okumuggya mu buddu obwo.

194 Nange ŋŋamba nti ekibi n'ebintu ebyo byonna bikyamu! Katonda annyambe mbikube, n'abaweereza b'Enjiri abalala bonna nabo babikube. Twazaalibwa nga tuli baana ba Katonda, ab'eddembe. Tetulina kakwate konna na kigunje kya nzikiriza kyonna oba enjigiriza ey'obulimba okutuwalaawala etutwale mu Kakiiko akagatta Amakanisa g'Ensi yonna, tuli bantu abaazaalibwa nga tulina eddembe, mu Mwoyo Omutukuvu, tulina eddembe ery'obwebange, ebintu eby'engeri

eyo twabivaamu tusobole okubeera Abapentekoote. Bwe kiri. Kati tuli ba ddembe. Tetulina kuddamu kusibibwa bintu ebyo.

195 Naye omuguzi ono yagamba, bwe yeetegereza abaddu be, abaali bawera, nga kikumi n'omusobyo, ku ssamba ennene, n'agamba nti, "Sooka ombuulire!" Waaliwo musajja wattu omu, gwe baali tebeetaaga kusooka kukuba kibooko; yali asowoddeyo ekifuba kye, nga n'akalevu akawanise waggulu, nga ali ku mulimu! Kye yava agamba nti, "Mbuulira! Njagala kumugula."

196 Oli n'amugamba nti, "Ha, nedda!" Nnannyini baddu yagamba nti, "Oyo tatundibwa. Huh-uh."

Kko omuguzi nti, "Naye, muddu?"

Kko oli nti, "Weewaawo."

197 N'amubuuza nti, "Naye, kati kiki ekimufuula ow'enjawulo ennyo?" N'amubuuza nti, "Mumuliisa mu ngeri ya njawulo?"

Kko ye nti, "Nedda, bonna baliira wamu, mu kigango."

N'abuuza nti, "Y'akulira banne?"

Kko oli nti, "Nedda, naye muddu nga abalala."

"Naye," n'amubuuza nti, "kati kiki ekimufuula ow'enjawulo?"

198 Kko oli nti, "Omanyi, ekyo, nange nnali nkyebuuza. Naye," n'agamba nti, "omanyi, eri ewaabwe gye baava, mu Afirika, taata w'omuvubuka oyo kabaka wa ggwanga erimu eyo. Kale newankubadde nga mugwira, era yeeyisa nga mwana wa kabaka."

199 O, mu nze nnagamba nti, okwo nga kusoomooza kwa maanyi eri Obukristayo! Abakazi, mulekere awo okwambala engoye ezo bwe zityo! Abasajja, mulekere awo okumala gasaagasaaga nga mwogera ebintu eby'obuwemu n'ebintu ebyo byonna! Tuli baana ba Kabaka ab'obulenzi n'ab'obuwala. Yambala nga nnaabakyala, yambala nga—nga omukyala. Weeyise nga omusajja assibwamu ekitiibwa, toleka nviiri zo kukula bwe *ziti*. Bayibuli egamba, "Nti (obutonde bukuyigiriza) nga bwe kiri ekikyamu omusajja okuba n'enviiri empanvu. Ate kya buswavu era kya nsonyi omukazi okusaba nga enviiri ze nsale." Kaakati ate bano? "Kya—kya muzizo omukazi okwambala ekyambalo ky'omusajja." Katonda oyo omukulu atakyuka takyuka. Naye ate olwa leero bamala geeyisa nga abasigadde mu ggwanga lyaffe bwe bakola. Kya nsonyi! Leka tweyise nga abaana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala. Leka tutambulire mu bulamu obukyoleka. Tuli—tuli baana ba Kabaka. Kye tuli. Kye tuli. Mu kiseera kino kyennyini mu kavuyo kano n'obubi n'empitambi, ebiri wano, nga abantu beeyita "Abakristaayo" naye ate ne basigala nga bakyeeyisa bwe batyo!

200 Naye mujjukire nti, lumu twafuna okukonkona, ne tumuggulira Ayingire, amalala n'ebirala byonna ne bigenda. Amiina. Ssifaayo kiki kye bampita!

O, ndowooza ndi wa nkola nkadde,
Naye era, n'Omulokozi wange naye yali wa nkola nkadde.

201 Si bwe kiri? Oluyimba olwo mwali muluwuliddeko. Beera wa nkola nkadde! Togezaako kubaako muntu mulala gw'ofaanana. Ye Ky'okulabirako kyo. Gezaako okumufaanana, n'Omwoyo akulimu ajja kukuyamba okukikola. Obulamu bwo bufuule nga Obubwe.

202 Weewaawo, awo waliwo oluggi. Njagala mbeeko oluggi olulala lwe njogerako. Nnandagga nnyo. Awo waliwo oluggi olulala, oluliraanye oluggi olwo, bw'oyita ku ludda olwa ddyo, era oluggi olwo lwe luggi oluyingira mu bulamu bwo obw'ekyama. O! Ha, olwo toyagala Alwemakulireko. "Kaakati bwe njagala okugendako mu kabaga ak'okunywamu, Ggwe kikukwatirako wa? Kkanisa ki egenda okunsalirawo kiki kye ŋŋenda okukola?" Uh-huh, kiikyo, mukiraba. "Ekitundu eky'ekkumi okuva ku musaala gwange? Nga ani oyo agenda okuŋŋamba kye mba nkola? Obwo bulamu bwange bwa kyama! Zino ssente nze nzikola. Nnina obulamu obwange nga omuntu. Nja kwambala ebinu bwe mba njagadde. Eryo ddembe lyange nga Omumerika." Ekyo kituufu. Mazima ddala. Bwe kiri.

203 Naye bw'oba oli mwana gwa ndiga, nga toli mbuzi, mukiraba, Ye anoonya ndiga. Lumu zijja kwawulwamu.

204 Endiga erina byoya. Ekyo ky'ekintu kyokka ky'erina. Ate ebyo tesobola kubikola. Tetusabibwa kukola bibala bya Mwoyo, wabula *okubala* ebibala by'Omwoyo. Era kasita eba nga ndiga, bijja kugimerako byokka. Terina kukaniikirira bikaniikirire. Obusimu n'ebirala byonna ebigirimu byonna ndiga, bijja kukola ebyoya kubanga munda mu yo mulimu obusimu n'ekirungo kye bayita adrenalin n'ebiringa ebyo ebyetaagisa okukola ebyoya.

205 N'olwekyo bw'oba nga oli Mukristaayo, ojja kugondera Ekigambo. Ssifaayo omuntu omulala yenna ky'agamba. Teweetaaga kubaako kintu kyonna ky'okaniikirira, oba okubaako ky'oggyawo, oba okusika, oba okusuukunda. Oli Mukristaayo. Kyekola bwekozi kyokka ggwe okubala ebibala by'Omwoyo. Mukiraba? Mukiraba, era bwe kityo bwe kiri. Mukiraba?

206 Naye, abantu ensangi zino, tebaagala weyingize mu bulamu bwabwe obw'ekyama.

207 Ekintu ky'okka ky'obeera okola, kwe kuggulawo buli luggi, bw'omala ogambe nti, "Jangu Yesu, yingira." Weetegereze ebinaddirira. Bw'onoolaba mu Kitabo, nga kigamba nti olina okukola *kino,* ojja kukikola. Lwaki? Kubanga oli ndiga, okusooka kwa byonna.

208 Naye bw'oba oyagala asigale awo, Abeere ku luggi, gamba bugambi nti, "Nange nneegatta ku kkanisa. Ssirina njawulo

naawe. Okiraba, nnakkiriza Kristo." Ob'olyawo ekyo kyennyini kye wakola. Naye wamufuula *Mukama* wo? Okiraba?

209 Kati, Mukama tasobola kutuula wansi n'abaako Ekitabo ky'ebiragiro by'abaga n'ayogera Ekigambo, ate n'akyuka ne yeegaana Ekigambo ekyo. N'olwekyo bw'ogamba nti olina Omwoyo Omutukuvu, ate Bayibuli n'ebaako ekintu gundi ky'ekugamba okole, naye ggwe n'ogamba nti, "Ha, *Ekyo* ssikikkiriza." Jjukira kimu, nti omwoyo oyo akulimu si ye Mwoyo Omutukuvu, kubanga Tasobola kwegaana ky'Ali. Bwe kiri. Tasobola kwegaana ky'Ali. Ye yawandiika Ekigambo, era Akirabirira, okukituukiriza. Mukiraba? N'olwekyo oyo si Mwoyo . . .

210 Weewaawo, kituufu mwoyo, gwandiba nga mwo—mwoyo gwa kkanisa, gwandiba nga mwoyo gwa musumba, gwandiba nga mwoyo gwa nsi, gwandiba nga, ssimanyi kye guli, naye kyonna kye guli, gwandiba nga mwoyo gwa kibiina kya ddiini ogw'okugamba mbu, "Ndi Mumesodisiti; ndi Mubaputisiti; ndi Mupulesibeteriyani; ndi Mupentekoote; ndi *kino*," ogwo . . .

211 Pentekoote, kaakati mujjukire, kino leka nkitereeze, Pentekoote si kibiina kigunje, Pentekoote kintu ekikutuukako mu bulamu bwo. Mmwe Abamesodisiti, Ababaputisiti, Abakatuliki, n'abalala mwenna, musobola okufuna obumanyirivu bwa Pentekoote. Tosobola kwegatta ku Pentekoote, kubanga tewali ngeri yonna ya kugyegattako.

212 Mbadde kitundu ku famire ya Branham okumala emyaka ataano mu etaano. Mukimanyi nti, tebansabangako kufuuka kitundu ku ba Branham. Nnazaalibwa, ndi omu ku ba Branham.

213 Naawe bw'otyo bw'oli Omukristaayo, ozaalibwa buzaalibwa okubeera Omukristaayo. Bwe kiri, kati.

214 O, obulamu obwo obw'ekyama! "Ha, nze nkukakasa, musumba wange agenda mu ndongo zino, ffe amazina ga Twisiti tugazina. Bazitegeka . . ." Kale. Mukiraba? "Togeza okujja okuŋŋamba kye nsobola okukola ne kye ssisobola kukola." Kale, mukiraba, tojja kumukkiriza kuyingira.

215 Lumu ojje omukkirize Ayingire, oluvannyuma oddeyo mu mazina ga twisiti ago oba mu ga rock-and-roll, oba mu ndongo yonna gy'onoogenda, olabe ky'osobola okukola. Tosobola kukikola. Lumu mujje mumukkirize Ayingire, oluvannyuma mutanule okwambala ebinu, abamu ku mmwe abakazi.

216 Nkimanyi mbalwisizzaawo nnyo, naye njagala mbeeko ekintu ekirala kimu kye njogera, ku nsonga eno, bwe kiba tekirina buzibu.

217 Ndowooza, olukuŋŋaana olukyasinzeeyo okuba olw'amaanyi Mukama lwe yali ansobozesezza okumukolera lwali mu kibuga Bombay, mwe nnalina abantu nga emitwalo ataano, naye, n'olulala olw'abantu emitwalo abiri n'omusobyo mu—mu

Afirika, mu kibuga Durban, mu kisaawe ky'emmotoka z'empaka. Ku olwo olw'eggulo, nnagamba, oluvannyuma lw'okulaba ekintu eky'ekitalo Mukama waffe ow'ekisa kye yakka wansi n'akola, nnagamba nti, "Abaminsani baabayigiriza Ekigambo, naye Ekigambo kiramusiddwa ne kifuulibwa kiramu. By'Ayogera birina okufuuka ebiramu." Era—era lwe waaliwo okuwonyezebwa kw'abantu emitwalo ebiri n'ekitundu omulundi gumu, ne battikka entuumu n'entuumu z'entebe enkadde ezaali awo; yali ssaala emu bw'eti ennyangu, baali balabye Omwoyo Omutukuvu nga. . . Abantu abo abaali batamanyi na kumanya be b'ani era baavudde wa, ekyo kyokka kye baali baagala okulaba. Mukiraba?

218 Era nnabuuza nti, "Bameka abaagala okusembeza Kristo?" Waaliwo abantu emitwalo esatu abaayimirira ku magulu gaabwe, bannansi bannansangwa, abaatambulanga n'obubumbe.

219 Dokita Bosworth, Dokita Baxter n'abalala, ne batandika okukaaba. Ow'oluganda Bosworth n'ajja we nnali, n'aŋŋamba—n'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, luno lwe lunaku lwo olw'okutikkirwa."

220 Ow'oluganda Baxter yaŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, ssikitegeera, ndowooza babadde baagala kuwonyezebwa kwa mubiri."

221 Omulenzi oyo yali ku mikono gye na maviivi. Naye Omwoyo Omutukuvu n'amutegeeza gye yali avudde, na kiki ekyabaawo, n'amugamba nti, "Oyoge-. . . olowooza ku muganda wo, ali mu buwanvu nga bwa kitundu kya mayiro emabega okuva wano. Yali yeebagadde embuzi eya kyenvu, n'amenyeka okugulu." Ne mmugamba nti, "Naye, BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, awonyezeddwa." Era omulenzi oyo n'ajja, nga akutte emiggo gy'abalema mu ngalo, *bw'atyo*. Kyatwalira abaserikale eddakiika nga amakumi abiri okukkakkanya abantu.

222 Era omulenzi ono, yali wansi, ku mikono gye n'ebigere bye, *bw'atyo*, nga tasobola kusituka, nga ali bwereere. Ha, bannange, kyali kintu ekyennyamiza okukamala! Yali alowooza nti ajja eri balambuzi abaagendangayo, nga bwe mumanyi, nga alowooza nti agenda kubaziniramu mazina ga—ga mu kibira. Kye nnava nkwata olujegere ne ndunyeenya. Ne ŋŋamba nti, "Ssinga mbadde nsobola okuyamba ekitonde ekyo bambi, naye ne ssikikola, nnandibadde. . . Nnandibadde sigwana kuyimirira wano. Naye," ne ŋŋamba nti, "ssisobola kumuyamba. Naye kati nnina ekirabo ekitono, nsobola kukola kimu kyokka kukissaamu ggiya, kyonna Mukama ky'ayogera."

223 Era Mukama bwe yalaga, yamubuulira erinnya lye, n'agamba nti, "Nnyina ne kitaawe balina we batudde, ba ggwanga lya Bazulu." Era n'Agamba nti, "Ba mibiri mitono, ekitali kya bulijjo." Omuzulu owa bulijjo abeera azitowa kkiro

kikumi asatu mu mukaaga, buli musajja. Kale n'agamba nti, "Ssi ba bulijjo. Naye omulenzi ono yazaalibwa mu maka ga Bakristaayo, kubanga ku...ku mukono ogwa ddyo, nga bw'oyingira mu luggi, waliwo ekifaananyi kya Kristo, mu kasiisira akatono ak'essubi." Era ekyo ddala bwe kyali. Nnyina ne kitaawe ne bayimirira. "Era nga *eryo* ddala ly'erinnya lye." Nga ye ye yennyini, na buli kimu kyonna. Ne batabulwa. Ne ntunula erudda ne mmulaba nga ayimiridde, mu kwolesebwa awo, nga yeegolodde bulungi ddala nga bw'alina okuba. Yali tayimirirangako, mu bulamu bwe, yazaalibwa bw'atyo. Ne ŋŋamba nti, "Mukama waffe Yesu amuwonya."

224 N'okutegeera yali tategeera bulungi, nga bw'agezaako okwogera agamba kimu, "uh ba, ba, ba," bw'atyo.

225 Ne nkwata olujegere, ne ndunyeenya bwe *ntyo*. Ne mmugamba nti, "Mutabani, Yesu Kristo, akuwonyezza. Yimirira ku bigere byo." N'asituka. Nga amaziga bwe gakulukutira, ku lubuto lwe oluddugavu, nga bw'agenda bw'atyo. Ne ndaba abantu emitwalo esatu bannansangwa b'omu kitundu ekyo nga bawaayo emitima gyabwe eri Yesu Kristo.

226 Bwe nnali mu lukuŋŋaana lw'ekibiina kya Kiwani's Club, nnagamba nti, "Kaakati, bwe nnava mu kkanisa y'Ababaputisiti baŋŋamba mbu ŋŋenda kufuuka mutukuvu eyeevulunga nsobole okussa ekimu n'abantu bonna, baŋŋamba mbu, 'Kati nno, ogenda kufuuka mutukuvu eyeevulunga,' Ne ŋŋamba... bwe batyo baganda bange Ababaputisiti bwe baŋŋamba." Ne mbabuuza nti, "Mumaze emyaka kikumi mu ataano, nga musindikayo abaminsani, naye nnabasanga bakola ki? Nga bakyatambula n'ebibumbe." Ne ŋŋamba nti, "Naye ku lw'amaanyi ag'okuzuukira kwa Yesu Kristo, abantu emitwalo esatu baasembeza Kristo omulundi gumu."

227 Kaakati njagala mbeeko ne kye mbabuulira mmwe abakazi, mumanyi ekyatuuka ku bakazi abo? Nnagamba nti, "Awo wennyini w'oyimiridde, Omwoyo Omutukuvu ajja kukujjuza." Era bwe baayimusa emikono gyabwe okukkiriza Kristo nga Omulokozi waabwe, naye bwe baasimbula okuvaawo; kati, baali bwereere, nga tebambadde kantu konna okuggyako akatundu, k'akawero, ke baali beesibye mu kitundu eky'omumaaso. Naye bwe baasimbula okuvaawo, baawumbako emikono gyabwe *bati,* kubanga we baali waaliwo abasajja, oluvannyuma nga bamaze okukkiriza Kristo.

228 Kaakati tuyinza tutya, bannyinaffe, mu ggwanga lino mwe tugamba mbu tukkiriza era tuli Bakristaayo tuyinza tutya, okuba nga buli mwaka bongera bwongezi kweyambula? Nga, omuntu oli yali tawuliranga na ku Linnya lya Kristo, naye yamusembeza busembeza mu mutima gwe. Nedda, wali tosobola kubagamba nti bali bwereere, baali tebakimanyi. Naye beebikkirira bwe *bati,* okutambula baveewo. Olunaku

olwaddako, oba ennaku bbiri ezaddako, wabasanga balina engoye, ze bambadde. Ha, bannange!

229 Waliwo ekitali kituufu awantu awamu. Eyo njigiriza ya ddiini enyooleddwanyooleddwa. Amaanyi ag'okuzuukira kwa Yesu Kristo, nga bwe Yakola eri omusajja eyali ayitibwa "Liigyoni," twamulaba nga ayambadde engoye era nga ategeera bulungi. Era nnatandika okukikkiriza nti gubeera mwoyo gwe gwambala abantu ne gubayingiza mu kweyisa mu ngeri y'Ekimerika n'ey'Ekifalansa, ne mu nneeyisa zonna ez'ensi n'ez'enkola y'ekkanisa. Naye leka lumu bajje eri Mukama waffe oyo, era bawulire okukonkona okwo ku luggi, bajja kwambala engoye beeyise nga abakazi n'abasajja, era bajja kubeera Bakristaayo abaazaalibwa omulundi ogw'okubiri. Amiina. Weewaawo.

230 Kaakati mmalirizza, wabulayo eddakiika abiri okuwera essaawa omukaaga ez'omu ttuntu, mumpeeyo—mumpeeyo eddakiika endala nga ziizo, leka mbeeko ne bye mbuuka. Muŋŋumiikirizeemu katono, mbeeko Ebyawandiikibwa bye nfuna, njagala mbeeko oluggi olulala lwe nzigulawo. Munzikirizza?

231 Oluggi oluddako, oluyingirayo, kwe kukkiriza. Mulabeeyo, obulamu bwo obw'omu kyama . . . oluggi olw'amalala, obulamu bwo obw'omu kyama, kaakati leka tuggulewo okukkiriza. Enzigi nnyingi nnyo, mukiraba, naye leka tuyingire mu kukkiriza.

232 Omanyi, gye buvuddeko nnali mu ddwaliro n'omukazi eyali agenda okulongoosebwa. Yampita, n'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, nnaddirira. Osobola okunsabira?"

233 Kko nze nti, "Yee, nnyabo, nnaasanyuka okukikola." Ne mmubuuza nti, "Waddirira?"

"Weewaawo."

234 Ne mmugamba nti, "Kaakati leka tusooke tulindeko katono. Leka mbeeko Ebyawandiikibwa bye nkusomera."

235 Waaliwo omukyala eyali agalamidde awo ku kitanda, n'antunuulira, mu ngeri ey'okwewuunya; ye, ne mutabani we wa myaka nga amakumi abiri, nga alabika okuba obuvubuka buno bu Ricky, nga bayimiridde awo bantunuulidde bwe batyo.

236 Ne mmugamba nti, "Yee, nnyabo," ne mmugamba, ne mmusomera Ebyawandiikibwa, nti, "Ebibi byammwe ne bwe biba ng'olugoye olumyuufu, binaaba byeru ng'omuzira. Ne bwe biba bitwaakaavu nga bendera, binaaba byeru nga ebyoya by'endiga." Era ekyo bwe nnakimusomera, ne mmugamba nti, "Bw'oba wawaba, okiraba, kitegeeza wava ku Katonda, naye ye Katonda takuvangako, ekitali ekyo wandibadde tompita." N'atulika n'akaaba. Ne mmugamba nti, "Tugenda kusaba."

237 Omukyala oli eyali ku kitanda ekiddako, kye yava agamba nti, "Sooka olindeko! Sooka olindeko katono!"

Kko nze nti, “Wangi, nnyabo?”

N’agamba nti, “Ssika olutimbe olwo oluzzeewo!”

Ne mmubuuza nti, “Toli Mukristaayo?”

N’agamba nti, “Ffe tuli Bamesodisiti!”

238 Ne mmubuuza nti, “Kaakati, ekyo kikwataganirawa n’okubeera omukristaayo?” Mukiraba, ekyo tekirina njawulo na kugamba nti oli—oli ndogoyi, ssinga obadde mu kiyumba kya mbizzi, mukiraba. Ne mmugamba nti, “Ekyo tekirina makulu n’akatono.” Mukiraba?

239 Naye, mukiraba, awo we tutuuse, obutuukirivu obwekolere. “Ekyo kikontana n’okukkiriza kwaffe!” Ne ŋŋamba e. . . “Ffe mu kkanisa yaffe tetwagala kuwonyezebwa kwa Bwakatonda, oba ebintu bwe bityo.” Mukiraba, mulaba kye ntegeeza? Mukiraba, tebajja kumuganya kuyingira mu luggi olwo. “Ekyo kikontana n’okukkiriza kwaffe.”

240 Waliwo Okukkiriza kumu kwokka. “Okukkiriza kumu, Mukama waffe omu, okubatiza kumu.” Okukkiriza okwo!

Okukkiriza kwange kutunuulidde Ggwe,
Ggwe Omwana gw’endiga ow’e Kalivaaliyo,
Omulokozi Omutukuvu;
Mpulira kaakano nga nsaba,
Ggyawo obutakkiriza bwange bwonna.

241 Ekibi! Ekibi, waliwo ekibi kimu kyokka, nga ekyo bwe butakkiriza. Omuntu anywa omwenge si mwonoonyi. Mukiraba, ekyo—ekyo—ekyo, mukiraba, ekyo si ky’ekibi. Okunywa omwenge si—si ky’ekibi. Okukola obwenzi si ky’ekibi. Okulimba, okubba, si ky’ekibi. Ebyo bibala bya butakkiriza. Ssinga obadde mukkiriza, tewandibikoze, okiraba.

242 Waliwo babiri bokka, ku bibiri oli mutakkiriza oba mukkiriza, mukiraba, ekimu oba ekirala. Ebintu bino byonna n’ebiragiro by’eddiini bwe bityo tobikola, lwa nsonga emu yokka kubanga oli mutakkiriza; singa obadde oli mukkiriza, wandibadde okkiririza mu Kigambo, kubanga Kristo kye Kigambo. Okiraba? Kale n’olw’ekyo oli mutakkiriza kubanga olina akalombolombo k’okkiriza, oba enjigiriza ezaagunjibwa ezaagattibwa ku Bayibuli, oba ekintu eky’engeri eyo, era ekyo ebibiina by’amadiini kye bikola. Naye omukkiriza owa nnamaddala anywerera ku Kigambo ekyo. Era Katonda akola kuyita mu Kigambo ekyo kyennyini, ayita mu kyo mwennyini okukireetera okutuukirira, mu mulembe guno mwe tuli.

243 Era kaakati mulabeeyo, kati oyinza okuŋŋamba nti, “Ha, nze. . . Ow’oluganda Branham, Mukama. . .” Kati, ekyo tekiriimu kabi konna, kubanga era, lumu waaliwo n’Abafirisuuti bangi abataali bakomole abaagenda. Waaliwo n’Abamisiri abawerako abaagezaako okugoberera Musa okusomoka e—Ennyanja Emmyufu, naye ku nkomerero ya byonna. . . “Nga

Yane ne Yambere bwe baaziyiza Musa, weewaawo, tulaba ekintu kye kimu mu nnaku ez'oluvannyuma," bw'etyo Bayibuli bw'egamba.

244 Kati leka tweyongereyokko mu maaso katono. Yesu yagamba wano, mu—mu mulembe guno nti, "Kubanga ogamba mbu, 'Ndi mugagga, era nnina bingi.'" Mulabe obugagga bwe tulina ensangi zino, ky'ekiseera ekkanisa lwe yali ebadde engagga! Era, naye, mukimanyi, mmwe Abapentekoote nti mwandibadde bulungi nnyo okusinga bwe muli ssinga mubadde mukyagenda wabweru nga mukuba enseege, mu makoona, nga bakitammwe ne bannyammwe bwe baakolanga? Naye kati mulina amakanisa amalungi okusinga eddiini ezisigadde endala, agasingayo okukulaakulanira ku misinde mu nsi yonna; naye Omwoyo wa Katonda oli eyabeeranga mu makkati gaffe ali ludda wa? Ekintu kyennyini ekyannamaddala mwakivaako. "Kubanga ogamba mbu nno, 'Ndi mugagga.'"

245 Mujjukire nti, kino kyogerwa eri Bapentekoote, kubanga omulembe gw'Abapentekoote gwe mulembe ogusembayo. Mukiraba, okudda obuggya kuno kwonna kwe tubadde nakwo, tewagenda kubaawo kibiina kirala kitandikawo. Tekijja kubaawo. Eno y'enkomerero. Eŋŋaano kaakano ekuze. Ezze eyita mu mitunsi, n'ekikolo, n'ekisusunku, era kati evuddemu nga ŋŋaano. Mukiraba, tewajja kubaawo kirala kyeyongerako. Waliwo kye baatandikawo eky'Enkuba ey'Oluvannyuma, naye nakyo ne kigwa butaka; n'ekirala kyonna bwe kijja okuba. Bajja . . . Eno ŋŋaano y'evaayo. Mwetegereze.

246 "Era kubanga ogamba nti, 'Ndi mugagga, era nnina bingi, sirina kye neetaaga,' naye tokimanyi nti oli munaku, asaasirwa, omuzibe w'amaaso, ali obwereere, naye nga tokimanyi; nkuweerera amagezi . . . " Ha, bannange! "Nkonkona ku luggi lwo." [Ow'oluganda Branham abaako ekintu ky'akonkona—Omuk.] "Lawodiikiya, nkonkona ku luggi lwo, era nkuweerera amagezi okujja gye Ndi, o—ogule zaabu egezeseddwa mu muliro; n'engoye enjeru, obwereere bwo buleme okulabika."

247 Weeyambulemu ebintu bino, oyambale nga bw'olina okwambala, mukiraba, obutuukirivu bwa Kristo, Ebigambo. Si butuukirivu bwange; wabula obutuukirivu Bwe!

248 "N'ekirala nkuweerera amagezi o—ojje, ofuneyo ku ddagala ly'amaaso, osobole okusiiga ku maaso go, olyoke olabe. Eddagala ly'amaaso!"

249 Ndi nzaalwa ya Kentucky. Nnazaalibwa eyo mu nsozi, era twabeeranga n'akafo akatono waggulu eyo mu kasolya. Era ffe abaana twali twakolawo engeri y'e—eddaala ettonotono, kwe twalinnyiranga buli kawungeezi ne tugenda waggulu eyo. Ne tugalamira eyo. Baabanga balina okubaako ekitundu ky'ettundubaali lye batubikka bwe waabangawo omuzira. Kati, emmunyeenye, ebisenge by'embaawo . . .

250 Bameka abamanyi ebisenge by'embaawo? Kati, ow'oluganda lwaki sseeyambalidde woovulo yange bwe nnabadde nzija wano? Wano ndi waka wennyini, mukiraba. Kati, ebisenge ebyo eby'embaawo!

251 Bameka abamanyi omufaliso gw'essubi? Kaakati mmwe mumanyi ki! Mbadde ndowooza nnina kye nneenyumiririzaamu. Naye, ndowooza kati ndi waka wennyini. Ekyo kirungi. Era ssirina kintu kirala kyonna kye nnali mmanyi okutuusa emyaka mitono egiyise.

252 Bameka abamanyi ettaala ey'edda, ey'ekirawuli, mugimanyi? Eyali nga omwezi omunene, nga eriko ekifaananyi ky'ekiwuugulu ku ludda. Baakozesanga omwana asingayo okuba n'akakono akatono mu nnyumba, okulongoosa ekirawuli ekyo okukisiimuulamu enziro, nga bwe mumanyi. Nnateranga okugenda n'akantu akasammula amazzi, era kansammulizanga amazzi; kale nnatwalanga ekirawuli ekyo ne nkiteekawo, obutansammuliza mazzi. Ddala, bwe kiri.

253 Kati, jjajjange omusajja yali muyizzi. Maama wa mmange yava mu nkambi. Jjajjange omusajja yawasa muwala Omuyindi nnansangwa okuva mu nkambi y'Abacherokee eyo mu Kentucky ne mu Tennessee, nga bwe mumanyiiyo, mu kiwonvu kya Cherokee. Era, ya—yabeeranga mu kuyigga na kutega bisolo, ebbanga lyonna, mwe—mwe yajjanga eky'okumubeezaawo.

254 Kaakati ffe abaana bwe twabeeranga waggulu eyo, kati, ebiseera ebimu obunnyogovu bwabanga bungi nnyo. Era nga empewo eyo ey'obunnyogovu bw'eyita mu bisenge ebyo eby'embaawo, nga etunnyogoza mu maaso, nga—nga amaaso gaffe geekwata mu kiro, nga bwe mumanyi. Maama yabiyitanga "binyinyi." Ssi—ssimanyi kye kitegeeza, naye obunnyogovu bwakugendanga mu maaso, ne gannyogoga. Nga akugamba nti, "Olina ebinyinyi mu maaso," olwa—olwa, empewo ennyogoga eyayingirangayo, embuyaga bwe yakuntanga mu kiro, nga bwe mumanyi. Amaaso gaffe geekwatanga ne gazimba.

255 Era maama yalinnyanga eddaala n'ayambuka waggulu eyo, ku makya, bwe yabanga amalirizza okufumba bu bisikwiiti. Yateekanga ebitole by'akaloddo ku mmeeza. N'ayita nti, "Billy!"

Ne mmuyitaba nti, "Wangi, maama?"

"Mukke wansi ggwe ne Edward."

256 "Maama, ssisobola kulaba!" Ne mpita muganda wange, twamuyitanga, "Humpy." Ne mmugamba nti, "Naye tasobola kulaba. Labayo, amaaso gaffe gaalimu ebinyinyi."

Nga agamba nti, "Kale, mulindeeko katono."

257 Kati jjajja omusajja, bwe yakwatanga akasolo akayitibwa kkuuni. . .Bameka abamanyi akasolo akayitibwa lakuuni? Ako, ke. . .Jjajja musajja yakwatanga akasolo ako ka kkuuni, n'akaggyako amasavu n'agateeka mu mukebe. Era amasavu

g'akasolo ako akayitibwa ka kkuuni lyali ddagala eri buli kimu mu maka gaffe. Baagatuwanga nga tulwadde ssennyiga ow'amaanyi, nga bagatabuddemu amasanda ga payini, ne butto ava mu manda. Nga tuganywa nga tulina amabwa g'omu bulago. Kale yakwatanga amasavu ago n'agabugumyako ne gasaanuuka, n'ajja n'agatusiiga ku maaso, amaaso gaffe ne gazibuka. Mukiraba, amasavu ago ag'akasolo ke bayita kkuuni ge gaakikolanga. Mukiraba?

258 Kaakati, ow'oluganda, mwannyinaze, tuyise mu mbeera ey'obunnyogovu, mu kkanisa. Ekyo bwe kiri, wabaddewo embuyaga y'eddiini nnyingi ezze ekunta, buli omu alwadde ssennyiga. Abantu bangi amaaso gaabwe gonna geekutte tegakyalaba, era waliwo Olukiiko olunene olw'Ensi yonna olugatta Amakanisa olujja, wano wennyini, olugenda okubawaliriza mwenna okulwegattako. Bagenda bava ku Kigambo ekyo, ekyo ebibiina byaffe kye bikola. Nnina Obubaka bwe nvunaanyizibwako; ssigenderera kubeera wa njawulo, wabula nkikola lwa kwagala. Okwagala kugolola. Mukomeewo! Mwewale ekintu ekyo! Mmwe ab'oluganda abaweereza, sifaayo kiki ebibinja byammwe kye bikola, mwewale ekintu ekyo! Mwewale ekintu ekyo! Ke kabonero k'ensolo, mukyewale! Mukiraba, Yesu akonkona mu mulembe guno ogwa Lawodiikiya. Mulaba we baamufulumiza? Agezaako kufuna bantu ssekinnoomu, si—si bibiina na bibinja bya bantu. Agezaako okubaako gw'afuna *wano,* n'omulala *wali,* n'omulala *wali,* agezaako. “Bonna be njagala mbabuulirira.”

259 Nga ow'oluganda wano eyafuna okwolesebwa, n'agamba nti yafuna okwolesebwa. N'agamba nti, “Omusana guno gwe gumu gw'ofuna, era, gwe guvaako n'okufa kwo.” Mukiraba?

260 “Bonna be njagala, mbabuulirira; kale nyiikira, okomewo. Nnyimiridde ku luggi, nkonkona.” Kaakati mulabeeyo, kino amasavu g'akasolo ka kkuuni tegalina kalungi konna kye gajja kukikolera.

Naye waliwo Ensulo ejjudde Omusaayi,
Ogwakulukuta okuva mu misuwa gya Emanweri,
Aboonoonyi bwe bebbikka mu mugga ogwo,
Banaazibwako ebbala lyonna ery'ebibi byabwe.

Omubbi oli eyali afa yasanyuka okulaba
Ensulo eyo mu kiseera kye;
Nange bwe ntyo, nga bwendi omubi nga ye,

261 Yanzibula amaaso gange, n'eddagala Lye ery'amaaso. Omwoyo We yakka wansi n'abugumya Bayibuli, eddagala Lye ery'amaaso. Bayibuli nnali ssigiraba. Nnali musumba Omubaputisiti ow'ekkanisa emu ey'omu kitundu. Naye lwali lumu n'Aweereza wansi Omwoyo We, tegaali masavu ga

ka kkuuni nti ge Yabugumya, wabula Yaweereza Omwoyo Omutukuvu n'omuliro! Akalagala k'amaaso kaasiigibwa ku Bayibuli yange—Bayibuli yange...ne nsobola okulaba n'amaaso gange, manya kaasiigibwa ku maaso gange nsobole okulaba Bayibuli yange. Okuva awo ne nkiraba nti, "Abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Leka buli kigambo kya muntu kibeere obulimba, naye Ekyange gabeere amazima. Nnyimiridde ku luggi, nkonkona."

262 Emboozi endala emu yokka entonotono. Tulinayo ku budde? Weewaawo, weewaawo, bwe ngimaliriza ŋŋende, mukiraba.

263 Waaliwo kaddugala omu emmanga eri mu Bukiikakkono. Era, omusumba we, nnali mmumanyi, yali musajja mulungi nga mukulu mu myaka. Kaddugala ono twamuyitanga Gabe. Erinnya lye yali ayitibwa Gabriel, naye ffe twamuyitanga Gabe. Bulijjo yabeeranga...Nze n'omusumba, emirundi mingi, twa—twagendanga ne tuyigga. Yali waaluganda muddugavu mukulu mu myaka, era twagendanga ne tuyigga. Kati muzeeyi Gabe yali ayagala nnyo okuyigga okusinga omuntu omulala yenna gwe nnali ndabye, naye yali tamanyi bulungi kukuba ssabbaawa. Kati, lwali lumu ye ne musumba we ne bagenda bayigge.

264 Twali tetusobola kuleeta muzeeyi Gabe ku kkanisa. Nga tasobola kulinnyayo. Nga tajja ku kkanisa. Nga agamba kimu nti, "Ah, nze eyo awali bannanfuusi ssigendayo."

265 Ne mmugamba nti, "Naye, Gabe, gy'okoma okusigala wabweru, babeera bakusinga obunene. Obeera weekwese mabega waabwe, okiraba." Ne ŋŋamba nti, "Ggwe weekwese mabega waabwe. Oli mutono nnyo okubasinga; waakiri bo bagendayo ne babaako ne kye bakola, okiraba."

266 N'agamba nti, "Nku—nku—nku—nku—nkulowoozaako nnyo, Mw. Bill. Naye," n'agamba nti, "nki—nki—nki—nkimanyi eyo muzeeyi Jones gy'asabira, naye taliimu makulu gonna; azannya buzannyi zzaala, n'ebirala byonna."

267 Kko nze nti, "Tewali buzibu, Gabe. Okiraba, tewali buzibu. Naye, jjukira nti, ekyo Jones y'alikyanukulira; ssi ggwe alikyanukulira, okiraba. Ggwe ssinga ogenda..." Ne mmugamba nti, "Olina omusumba omulungi."

268 "Ha, Musumba Jones y'omu ku basajja abasingayo obulungi mu ggwanga!"

269 Ne mmugamba nti, "Leka y'aba abeera eky'okulabirako kyo, bw'oba nga tosobola kulabayo mulala yenna. Leka y'aba abeera eky'okulabirako kyo."

270 Kati lwali lumu Ow'oluganda Jones agamba nti, n'atwala muzeeyi Gabe okuyigga, n'agamba nti, "Ku olwo twafuna obumyu bungi nnyo n'ebinyonyi nga tetusobola na kubyetikka byonna." N'agamba nti, "Ne tukomawo akawungeezi." N'agamba nti, "Muzeeyi Gabe yali anvaako emabega, nga

yenna akwataganye, bw'atyo, nga bwe mumanyi." Kati mukyala we yali mukazi Omukristaayo yennyini ddala, eyeesigika. Yalina ekifo kye awo wennyini we yatuulanga, nga mukazi eyajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, era bulijjo yabeeranga ku buvunaanyizibwa bwe. Kati yali . . . Muzeeyi Gabe yali avaako emabega, nga bwe mumanyi. Musumba Jones n'agamba nti yakyuka n'atunula emabega, n'alaba, "Muzeeyi Gabe nga bw'agenda atunula emabega w'ekibegabega kye, *bw'atyo*. Enjuba yali egolooba," n'agamba nti, "nga egenda eggweerayo ddala wansi, nga obudde butandiikiriza okunnyogoga." N'agamba nti nno, "Bwe waayitawo akaseera," n'agamba nti yali ajja atambula, n'agamba nti, "muzeeyi Gabe n'atuuka. Omudumu gw'emmundu ye gwali gujjuddeko obumyu, ebinyonyi n'ebirala." N'agamba nti, "Yakoona musumba ku kibegabega, n'amuyita nti, 'Musumba?'"

Agamba nti, n'akyuka, n'amugamba nti, "Wangi, Gabe, mutawaana ki?"

271 N'atunulatunula, nga bw'akulukusa amaziga amayitirivu ku matama ge amaddugavu, agaaliko ekirevu ekyali kigenda kimera envi. N'amugamba nti, "Musumba, nzize ntambula ku lubalama luno wano, okumala ebbanga nga lya kitundu kya ssaawa." N'agamba nti, "Mbadde nneetegereza enjuba eyo nga egolooba." N'agamba nti, "Naye okimanyi nti, ekirevu kyange kino kigenda kimera envi, n'enviiri zange zigenda zimera envi," n'agamba nti, "okimanyi nti, n'enjuba yange nayo egenda egolooba, musumba."

272 N'amugamba nti, "Ekyo kituufu, Gabe." N'ayimirira n'akyuka, n'amubuuza nti, "Obadde ki?"

273 Kko ye nti, "Nange, enjuba yange egenda egolooba." N'agamba nti, "Nkubuulire?" N'agamba nti, "Ndowoozezzaamu," n'agamba nti, "bwe mbadde ntambula nga nzija." N'agamba nti, "Naye omanyi," n'agamba nti, "Mukama ateekwa okuba nga anjagala."

Kko omusumba nti, "Weewaawo, Akwagala, Gabe."

274 N'agamba nti, "Okimanyi nti, siri mulungi nnyo mu kukuba ssabbaawa." N'agamba nti, "Ssirina kye nsobola kukuba ne nkirasa, naye," n'agamba nti, "ennyama eno tu—tubadde tugyetaaga eka." N'agamba nti, "Ggwe laba omuyiggo omunene ogwenkana wano gw'Ampadde, ebinyonyi bino n'obumyu buno." N'agamba nti, "Nnina ebitumala okulyako okuyita mu wiiki ejja." N'agamba nti, "Ateekwa okuba nga yanjagadde, kubanga ssirina kintu kyonna kye nsobola kukuba ssabbaawa ne nkirasa, nga bw'omanyi." N'agamba nti, "Mbadde ssisobola kubirasa, naye labayo by'Ampadde." N'agamba nti, "Ateekwa okuba nga anjagala, ekitali ekyo bino teyandibimpadde."

N'amugamba nti, "Ekyo kituufu."

275 N'agamba nti, "Naye, nnawulidde okukonkona okutali kwa bulijjo ku luggi lwange, bwe twabadde emmanga eri. Yaŋŋambye nkyuke, n'aŋŋamba nti, 'Gabe, naawe, enjuba yo egenda egolooba.'" N'agamba nti, "Musumba, omanyi kye nnakoze, musumba?" N'agamba nti, "Nnamusuubizza."

276 Omusumba n'amugamba nti, "Gabe, njagala mbeeko ne kye nkubuuza." N'agamba nti, "Bubaka ki bwe mbuulidde obwakuleetedde okuwulira bw'otyo?" N'agamba nti, musumba, manya omusumba n'agenda mu maaso n'amugamba nti, "Kaakati sooka olindeko," n'amubuuza nti, "kwa—kwa—kwaaya ki eyayimbye?"

277 Kko ye nti, "Ha, musumba, eky'amazima okuyimba okwo emmanga mu kkanisa nkwagala nnyo." N'agamba nti, "Buli bubaka bwonna bw'obuulira mbwagala, kubanga buviira ddala mu Kitabo ekyo ekirungi, era nkimanyi nti butuufu. Naye," n'agamba nti, "tebyabadde ebyo." N'agamba nti, "Yakonkonye bukonkonyi, ne ntunulatunula okwetooloola wano, ne ndaba bw'Ali omulungi gyendi, n'ebyo by'Ampadde." N'agamba nti, "Ku Ssande ku makya, ŋŋenda kutambula ŋŋende mu maaso wali w'oyimirira." N'agamba nti, "Ŋŋenda kukuwa omukono gwange ogwa ddyo," n'agamba nti, "kubanga omutima gwange nguwaddeyo eri Mukama, emmanga wano eno ku kasozi." N'agamba nti, "Ŋŋenda kubatizibwa, nfune we tuula awo wennyini okuliraana mukyala wange. Era ŋŋenda kusigalawo okutuusa Mukama lw'alimpita nnyambuke waggulu." Mukiraba, yeetoolooza amaaso n'alaba engeri Katonda gye yali omulungi gy'ali.

278 Ndi muminsani. Singa musobola okulaba nga mukozesa amaaso ge nkozesa okulaba mu kaseera kano, ne mulaba ekifo ky'Abayindi bannansangwa, n'abantu abo abalumwa enjala, ba maama abali ku luguudo abalumwa enjala, nga abaana baabwe abato tebakyayinza na kukaaba, olw'okulumwa enjala, ne mulowooza ne ku kye tubadde nakyo wano olwa leero. Mulabe emmotoka ze muggyiddemu. Mulabe engoye ze mwambadde. Mulabe bwe muli abagagga. Mukwano gwange, munda muli tolina w'owulira kukonkona okwo?

Leka tusabe.

279 Nga tukotese emitwe gyaffe, wamu n'emitima gyaffe, nga eddakiika bwe ziggwaayo, nga wabulayo eddakiika musanvu okuwera essaawa omukaaga ez'omu ttuntu. Muganda wange, mwannyinaze, ssaayansi atugamba nti wabulayo eddakiika ezitawera ssatu ettumbi likoone. Kati singa osobola okwetoolooza amaaso, n'otwala akaseera n'ofumiitiriza. Abaana bo abato nga batudde awo naawe. Baana bameka abalina obulwadde bw'okwesika!

280 Tunuulira mukyala wo omulungi, ow'oluganda, olowooze ku basajja bameka nga alina obukadde n'obukadde bwa ddoola,

nga ayagala omukazi n'omutima gwe gwonna, naye nga omukazi oyo tava mu bbaala. Nga asobola okuwaayo akakadde ke k'afunye mu bugubi omukazi oyo amwagale nga mukyala wo bw'akwagala. Naawe, omukyala, bakazi bameka . . .?

281 Ba maama bameka abali wano enkya ya leero n'abaana baabwe abato, ba taata bameka abalina . . .? Eky'amazima, bannange, waliwo abasajja bangi abatunuulira akatanda k'omwana, omuli akaana bambi, akaagongobala, akaaziŋŋama, naye ggwe laba abaana abato abalabika obulungi b'olina. Mukiraba? N'abakadde bangi, ob'olyawo . . .

282 Ayi Katonda! Waliwo ebintu bingi nnyo, ssinga musobola okwetegereza obulungi. Abadde mulungi nnyo gye tuli ffe Abamerika. Kaakati munda mu ggwe towulira nga wandyagadde okufuna ku kalagala k'amaaso, enkya ya leero nga ogamba nti, "Yongera okuzibula amaaso gange, ayi Mukama, zibula amaaso gange"? Nga mwannyinaffe omwagalwa bwe yayimbye obulungi ennyo n'agamba nti, "Eriiso Lye liri ku nkazaluggya, ku nkazaluggya eyo entono, era mmanyi nga Andaba."

283 Kati Akulaba mu kaseera kano kennyini. Munda muli, owulira, nga waliwo okukonkona okutonotono bwe *kuti*, [Ow'oluganda Branham abaako ekintu ky'akonkona—Omuk.], "Nzize kukukyalira, enkya ya leero"? Kye kitiibwa ekisingayo obukulu ky'osobola okufuna, bw'oba osobola okuwulira okukonkona okwo ku mutima gwo.

284 Osobola okuyimusa omukono gwo, n'ogamba nti, "Olwa kino, ayi Mukama, olw'obuyambi Bwo n'ekisa Kyo, okuva leero okweyongerayo, nja kukutambuliranga ku lusegere ddala nga bwe mmanyi. Ekyo kye kyokka kye mmanyi eky'okukusaba"? Katonda akuwe omukisa. Katonda akuwe omukisa. "Olw'obuyambi Bwo n'ekisa, olwa leero, okuva olwa leero, kino ssirikyerabira."

"Laba, nnyimiridde ku luggi, nkonkona. Omuntu yenna bw'a . . ."

285 Kaakati, mujjukire, Yali Akonkona wa, ku kiyumba kya bisolo? Nedda. Ku bbaala? Nedda. Yali Akonkona wa? Ku kkanisa!

286 "Omuntu yenna bw'anaawulira Eddoboozi Lyange, n'anzigulirawo, nnaayingira ndye wamu naye, naye alye Nange."

287 Ayi Katonda omwagalwa, ebigambo bino ebitonotono ebikutuddwakutuddwa, ebitabikkiddwa, ebyogeddwa enkya ya leero, leka Omwoyo Omutukuvu abeeko engeri gy'abivvuunulira emitima gy'abantu.

288 Kati wabaddewo bangi, ayi Mukama, ob'olyawo okuva mu bikumi n'ebikumi by'abantu bano abali wano wabaddewo

nga abiri oba asatu abayimusizza emikono gyabwe. Ssirina ngeri yonna gye nnyinza kumanyaamu kyennyini kye beetaaga, ayi Mukama. Naye nkimanyi nti ettuntu libulako eddakiika ntono nnyo likoone, era n'Okujja kwa Mukama bwe kuli; so nga, omuzira guno bwe gunaaba tegunnasaanuuka kuggwa ku ttaka, tuyinza okuyitibwa, era kano kandiba nga ke kaseera akanaakyusa eby'omu maaso byonna okusalawo oba nga balirekebwa wano oba baligenda waggulu.

289 Ayi Katonda omwagalwa, mu bwetoowaze tukkiriza Yesu, tukkiriza Ebigambo Bye byonna. Tujjuze, ayi Mukama, tujjuze n'Omwoyo Wo Omutukuvu, obulamu bwaffe busobole okubala ebibala awatali kubukaka bukasi. Kituwe, ayi Mukama.

290 Tusonyiwe ensobi zaffe ennyingi. O, tulina nnyingi nnyo, ayi Mukama. Era tetulina kye tuyinza kuwaayo, ayi Mukama, kubanga, byonna bye tulina, Ggwe obituwadde. Nga Gabe bwe yagamba, mu mboozi eyo entonotono gye twakava okwogerako nti, "Mazima ddala O—Otwagala, ayi Mukama, ssinga Obadde totwagala kino tewandikikoze." Era, n'okukirowoozaako, nti abantu bano babadde batudde wano okuva gye bwakeeredde, nga batudde wano okuva ku ssaawa bbiri ez'oku makya, nga kati bawezezza essaawa nnya nga batudde wano. Bakwagala, ayi Mukama. Bakwagala. Kaakano, ayi Kitaffe, tukusaba Osindike eddagala ery'Omwoyo Omutukuvu, ozibule amaaso gaffe. Leka tu. . .

291 Bano abali wano mu kibuga, leka beeyune okugenda mu kudda obuggya okwo akawungeezi ka leero, leka wabeewo okufukumulwa okw'amaanyi! Kikole, ayi Mukama. Leka okudda obuggya kuli okw'enkola enkadde kutandike wano mu kibuga. Kikole. Wa omukisa buli muntu yenna alina ky'akola, buli omu ku baweereza Bo mu nsi yonna, afuba okubaako ne ky'akola. Beera nabo, ayi Mukama, era obayambe.

292 Zibula amaaso gaffe tusobole okweyongerera ddala, okulaba, Kristo nga bw'ali. Kituwe, ayi Mukama. Tusonyiwe ebibi byaffe.

293 Era kaakano bano abaayimusizza emikono gyabwe, ayi Kitange, mbawaayo gy'Oli. Basembeze. Kaakano nnokola Ekigambo Kyo Kyennyini, ayi Mukama, kubanga, "Eggulu n'ensi biriremwa naye," Wagamba nti, "oyo," nga ye nnakasigirwa ey'omuntu, "oyo awulira Ebigambo Byange. . ." Ayi Mukama, ebigambo ebyo biyinza okuba nga bikutuddwakutuddwa era nga biwewufu, naye waliwo abiwulidde. Ensigo esigiddwa. "Oyo awulira Ebigambo Byange era," akagambo akayunzi, "n'akkiriza Oyo eyantuma," kubanga kino Yakikola, "alina (ekiseera eky'obuliwo) Obulamu obw'emirembe n'emirembe, era mu biseera eby'omu maaso talijja mu musango, wabula aba asomose n'ava mu kufa n'adda mu Bulamu." Bayimusizza emikono gyabwe, ayi Mukama. Bamenye (buli) tteeka lya

ssaayansi; amaanyi ga kimiimansi gasika emikono gyaffe okugizza wansi. Naye bakakasizza nti mu bo mulimu omwoyo, asobola okuwuliriza okukonkona ku luggi, ne bayimusa emikono gyabwe egya ddyo eri Eggulu. Kaakano leka baggulewo oluggi. Baggulewo, ayi Mukama, oyingire. Tuli Babo. Tusembeze, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

Mmwagala, mmwagala
Kubanga Ye yasooka okunjagala
Era n'asasulira obulokozi bwange
Ku muti gw'e Kalivaaliyo.

294 Mumwagala? Ssimanyi oba nga tusobola okuzibiriza amaaso gaffe, okumala akaseera. Kaakano okuva mu mitima gyaffe, nga emikono gyaffe tugiyimusizza.

Mmwagala, mmwagala
Kubanga . . .

295 Tusembeza okukonkona Kwo, enkya ya leero, ayi Mukama. Emikono gyange giyimusiddwa. Emikono gyaffe gyonna giyimusiddwa, ayi Mukama.

Era . . .

Kaakano jangu oyingire, ayi Mukama Yesu. Jangu mu mitima gyaffe olye naffe, naffe tunaalya Naawe.

Omuti gw'e Kalivaaliyo!

296 Mumwagala? O, ndowooza Mulungi nnyo! Mmwe si bwe mulowooza? Towulira Kubeerawo Kwe nga kulinga okukugogola? Mpulira nga nnyingidde ddala mu mwoyo kati, mpu—mpulira bulungi nnyo, era waliwo eky'enjawulo ku kyo.

Okukkiriza kwange kutunuulidde Ggwe,
Ggwe Omwana gw'endiga ow'e Kalivaaliyo,
Omulokozi Omutukuvu;
Mpulira kaakano nga nsaba,
Ggyawo ebibi byange byonna,
O nnyamba okuva leero
Mbeerere ddala Wuwo!

297 Kaakati njagala, bwe tumuumuunya ekitundu kino ekiddako eky'oluyimba olwo olulungi olw'edda, oluyimba lw'ekkanisa olw'edda, njagala obeeko omuntu gw'okwatako mu ngalo. Sigala mu katebe ko, obeeko gw'ogamba nti, "Katonda akuwe omukisa, ow'oluganda. Katonda akuwe omukisa, mwannyinaze. Nsanyuse nnyo okubeera naawe wano!" Leka tukikole. [Ow'oluganda Branham amuumuunya oluyimba olwo *Okukkiriza Kwange Kutunuulidde Ggwe*—Omuk.] Katonda akuwe omukisa, Carl, nsanyuse okubeera wano . . .? . . .

298 Mmwe mukirowoozeeko, emikono gy'Abamesodisiti gikutte mu gy'Abapentekoote, egy'Ababaputisiti gikutte mu gy'Abapulesibeteriyani.

O leka . . . okuva leero
Mbeerere ddala Wuwo!

299 Kaakano, era nga bwe tuyimba mpolampola, okuviira ddala ku ntobo y'omutima gwo. Omanyi, oluvannyuma lw'Obubaka obugogola, obukambwe, ndowooza kirungi okuyingira mu Mwoyo ne tuyimba, obuwoomerevu bw'Omwoyo Omutukuvu.

300 "O nga kiwoomu nnyo eri ab'oluganda okutuula awamu nga batabaganye!" Bayibuli egamba nti, "Kiringa amafuta agaali ku kirevu kya Alooni, agaakulukutira ku lukugiro lw'ekyambalo kye." Muli bantu balungi nnyo erudda eno. Nsuubira okukomawo nate mbalabe nga Yesu tannampita, oba nga okufuga okw'Emyaka olukumi tekunnabaawo. Bwe ndiba ssikomyewo, ndibalaba emitala w'omugga. Ndibasisinkana ku mugga. Amiina. Okwo kulagaanya.

Nga ntambula mpita mu kizikiza ky'obulamu,
Nga ennyiike enneetoolodde wonna,
Beera Omuluŋŋamya wange;
Lagira ekizikiza kifuuke emisana,
(Ekitangaala ekyo ekitono kye boogerako.)
Sangulawo amaziga gonna ag'ennaku,
O nnyamba okuva leero
Mbeerere ddala Wuwo!

301 Ggulawo buli luggi lwonna! O, kwata bukwasi akapeesa ako, olabe zonna nga bwe zeggulawo okwetooloola; gamba nti, "Yingira, ayi Mukama Yesu, beera Mukama wange, byonna mu byonna."

O nnyamba okuva leero (nneme, kukuleka
Oyimirire ku luggi,)
Mbeerere ddala Wuwo!

302 Mmwe abaayimusizza emikono gyammwe era nga mwagala okwongera okukulemberwa eri Mukama, mbasaba mugende mu lukuŋŋaana lw'okudda obuggya akawungeezi ka leero. Era nkakasa nti omusumba aliyo asobola okubaggya wano we mutuuse n'abayingiza mu kisulo ky'abagenyi. Alina eddinaali mukaaga, oba zonna ze yaweebwa, okubalabirira, n'enviinyo n'amafuta ag'okubayiwamu. Omulimu asobola okugumaliriza.

303 Kaakano Katonda abawe omukisa. Olukuŋŋaana ŋŋenda kuluzzaayo, ndowooza, eri Ow'oluganda Williams, oba yenna a . . .

65-0206 Enzigi Mu Luggi
mu Americana Hotel
e Flagstaff, Arizona Amerika

LUGANDA

©2026 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS

P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.

www.branham.org